Okugezaako Okuweereza Katonda Nga Katonda Si Bw'Ayagala

Leka tusigale nga tukyayimiriddeko katono nga bwe tusaba. Ka tukoteke ku mitwe gyaffe.

Mukama, tuli basanyufu enkya ya leero okukomawo mu nnyumba ya Katonda, mu lukuŋŋaana olulala. Era tusaba, ayi Katonda, Otugolole mu nsobi zaffe zonna enkya ya leero. Tulage ekkubo lye Watutegekera lye tulina okutambuliramu. Era tuwe ekisa Kyo n'okwagala, tusobole okugoberera amakubo ago awamu n'ebiragiro n'emitima gyaffe gyonna, tusobole okusangibwa, ku olwo, nga tuli mu Kristo, nga tetuliiko kya kunenyezebwa, kubanga tukkiriza, ayi Mukama, nti okulabika Kwe kuli kumpi.

2 Tulaba obubonero bwonna bwe Yagamba obulibaawo nga Okujja Kwe kubuzaayo akaseera katono, kaakano nga butuukirira. Era tulindiridde akaseera ako n'essanyu. Nga Ibulayimu ow'edda bwe yalindirira omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa, era bwe yalaba obubonero bwa Katonda obusembayo nga butuukirira ku nsi, bw'atyo n'amanya nti omwana ow'obulenzi tajja kumala bbanga ddene nga tannatuuka. Ne kaakano tukiraba nga kiddamu okubaawo. Yesu yatugamba nti, "Ebintu bino bwe biritandika okubaawo," tutunule waggulu, kubanga o—okununulibwa kwaffe kuliba kusembedde, "ebiseera eby'okusoberwa, n'okweraliikirira okususse wakati w'amawanga, ebikankano bya musisi mu bifo eby'enjawulo, ennyanja nga ewuluguma, emitima gy'abantu nga gizirika olw'entiisa."

3 Tukiraba nti ekyo kye kiseera kye tulimu, nga amawanga tegamanyi kya kukola. Nga kirabika nga, olutalo olulala olunaatera okubalukawo. Ekyo nga kiba kintu kya ntiisa nnyo! Nga ensi eyabulukukamu, nga ne bannassaayansi bagamba nti waliwo ekintu ekibi ennyo ekibindabinda. Tulaba nga Bayibuli eyogera ku bintu bino. Na bwe kityo, ayi Mukama, tuyambe olwa leero nga tuyimiridde mu nnyumba eno mwe tugololerwa, tutwale ebiragiro ebiva eri Katonda waffe, tugende mu maaso mu ssaawa eno ey'ekizikiza, twakise Omusana, kubanga kandiba nga ke kakisa kaffe akasembayo okukikola. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu era ku Lulwe. Amiina.

Mutuuleeko.

4 Ddala guno ngutwala okuba nga mukisa munene, nze okubeera wano mu kkuŋŋaaniro enkya ya leero. Era bambi tusaba mutusonyiwe olw'obutaba na bifo bimala, wano, we tusobola kubatuuza. Era ekifo kyonna kikubyeko, nga n'abalala bayimiridde wabweru.

Kati mmwe abali ebweru, bino musobola okubiwulirira ku leediyo zammwe. Nneerabidde . . . [Waliwo agamba nti, "Ataano mu ttaano okutuuka ku ataano mu musanvu."—Omuk.] Ataano mu ttaano okutuuka ku ataano mu musanvu. Mmwe abali ebweru, n'eri awasimba emmotoka, ne mu nguudo, bino musobola okubiwulirira ku leediyo zammwe, ku mikutu wakati w'ataano mu ttaano n'ataano mu musanvu ku kalimi ka leediyo zammwe. Kale twagezezzaako . . .

5 Manyanga, nnabadde nkomawo, wano, ngezeeko okuba n'olukuŋŋaana lwa nnaku nga kkumi, njogere ku ky'okuyigako eky'*Ebibya Omusanvu Ebisembayo*. Kubanga, wakati w'Ebibya ebyo we wali Amakondeere. Era nnali nnabagamba mu . . . nti bwe nditandika okubuulira ku Makondeere Omusanvu, nja kugakwataganya n'Ebibya awamu n'Ebibonyoobonyo. Era nnali ndowooza nti kiriba kiseera kirungi ddala. Nnali nnaakakomawo okuva mu Afirika, ne—n'abaana baali tebannawummula.

Katabani kange akato, ka Joseph, kaali—kaali kalina . . . kaali keetaagayo essabbiiti ntonotono ez'okweyongera okuyambibwako mu bye kasoma. Weewaawo, yali ayise, naye teyayitira waggulu nga bwe kyali kisaanidde. Kale bwe tutyo twamusigaza e Tucson, awo, we nnabeerera mu Afirika, n'agenda mu maaso nga bwe yeeyongera okuyambibwako, mu ssomero eritali lya kisulo.

Oluvannyuma twakomawo. Era bwentyo ne ndowooza nti, nga abaana bwe bali mu luwummula lwabwe, nsobola okuba n'olukuŋŋaana olutonotono wano n'abantu, ne mbuulira ku bintu bino. Naye bwe twatuuka wano, ne twesanga nga tetusobola kufuna kizimbe kya ssomero mwe tunaakuŋŋaanira.

6 Nga ate nnali nkimanyi nti wano mu kkuŋŋaaniro si wagazi kimala kutuuzaawo bantu, ne beegazaanya nga bwe basaanidde kubeera nga . . . nga mbuulira Obubaka buno, kale twalina oku—okukolawo entegeka endala. Era mu kifo ky'oku—ky'okumala ebiro ekkumi nga bwe twali tukitegese okuba, bwentyo, nnasazeewo tubeere n'enkuŋŋaana bbiri buli lwa Ssande; Ssande eno, Ssande ejja, ne Ssande eriddako, enkuŋŋaana bbiri bbiri. Kale, n'okuziranga tetwaziranga.

Kale, kati, bwe wabaawo eyawulira mu ngeri yonna nti enkuŋŋaana zaali za kutandika nga abiri mu munaana, mu kizimbe ky'essomero omukuŋŋaanirwa, Katonda nga akikkirizza, kale, bw'oba olinayo mikwano gyo nga baabadde bamaze okwekwata ebisulo, nna—nja—bayinza okubisazaamu,

olaba, kubanga ba—bo, tetujja kusobola kufuna kifo ekyo. Tebasobola kutuwa bi—bifo ebyo ebikuŋŋaaniramu eby'amasomero.

7 Era kati njagala kubuulira, nkuŋŋaana zigwa mu ttuluba lya kubuulira njiri ey'awamu buli Ssande ku makya. Ate buli Ssande akawungeezi njagala nsabire abalwadde. Era tukkiriza nti Katonda ajja kubasisinkana mmwe abalwadde. Ssimanyi ngeri ki Billy gy'anaabakwasaganyaamu; ndowooza, anaagaba kkaadi z'ab'okusabirwa, oba engeri yonna, gy'anaaba alabye ey'okuluŋŋamyamu ekibiina. Naye tujja kukola kyonna kye tusobola okukola okusobola okusabira buli muntu mu wiiki zino essatu ezijja ze tutegese okubaamu n'enkuŋŋaana, bwe kinaaba nga bw'atyo Mukama bw'ayagala.

8 Ate emirundi mingi wabaawo abantu abeetaaga okubasisinkana okubaluŋŋamya kinnoomu, oluusi nga omuntu ayagala akulabe maaso ku maaso mu ddakiika ntono ku nsonga emu oba endala oba ekintu bwe kityo. Era tujja ku . . . Bameka wano abaagala okubasisinkana okubaluŋŋamya kinnoomu? Leka tulabe emikono gyammwe. Ayaya! Ani atayagala? Kale kati tujja . . .

9 Kijja kuba kizibumukko okubasisinkana, n'olw'ekyo muwandiike okusaba kwammwe mukuweereze, mukukwase Billy, nnaakufuna okuva gy'ali. Era, kati, nsuubira, ajja kulangirira ebikwata ku, kkaadi z'ab'okusabirwa, buli lwe zinaaba zinaagabibwa.

10 Bameka ku baganda baffe abaweereza abali wano enkya ya leero? Tetunafuna kakisa ku, sisuubira nga . . . Waliwo be mwanjudde? Abaweereza bameka abali wano enkya ya leero, muyinza okuwanika ku mikono gyammwe? Oba, muyimirire. Leka tulabe abaweereza bameka abali mu kibiina kino enkya ya leero. Kale, kirungi! Twebaza Mukama olw'abasajja bano. Kyandibadde kirungi ssinga tubadde n'obudde obumala okubanjula bonna kinnoomu, naye nkakasa mubalabye. Era tu . . . Katonda bonna abamanyi mu kuweereza kwabwe, era tusaba Katonda abawe nnyo omukisa. Era, awatali kuwannaanya, bangi ku bo basazizzaamu enkuŋŋaana zaabwe, basobole okubeera wano. Ow'oluganda Junior Jackson ne, ndowooza, n'Ow'oluganda Don Ruddell, era n'okubuulira kuno kuwulirwa ku mpewo mu kkanisa zaabwe. Era wamu, ne, engulu mu New York ne mu bifo ebirala okwetooloola eggwanga, okuyita mu mukutu gw'essimu ogw'enjawulo okusobola okutuuka mu buli kkanisa enkya ya leero.

11 Nsanyuse okulaba Ow'oluganda Richard Blair atudde wano. Nnaakasoma ebbaluwa ekwata ku kintu ekikulu Katonda kye yakola mu bantu b'eyo gy'abeera. Luli, okusinziira nga bwe mmanyi . . . Nnandiba omukyamu, Ow'oluganda Blair; bwe mba nsobezza, onterezaamu. Yali akola, nga waliwo omusajja

gw'ayambako okuwayaringi ekimotoka ki lukululana oba ekintu bwe kityo, ndowooza bwe kyali. Nnabisoma mu bbaluwa. Kale ne babaako ekintu kye baakyusa, naye, eby'embi, ne kitambuza amasannyalaze ne gatuuka mu mazzi omwali akalenzi akato, omu. . . o—omusajja nnannyini lukululana, katabani ke, kaana kato ddala, bambi ne gakatta. Olubuto lwako ne luzimba. Tumanyi nga amasannyalaze bwe gakuba omuntu, bw'atyo, bw'afa, ekyo kye kiddirira. Amaaso gaako ne gakanuka; amannyo ne geegatta.

12 Kyatiisa nnyo ab'oluganda. Ow'oluganda Blair n'alowooza nti ssinga alina engeri gy'ayinza okunfunamu awantu wonna, ne nkasabira, naye n'ajjukira nti kigamba nti, "Buli ababiri oba abasatu we baba bakuŋŋaanidde mu Linnya Lyange, Ndi wakati mu bo." Bambi kitaawe waako ne yeesusumbula olususu ku ngalo nga agezaako okusosenka engalo ze mu kamwa k'akalenzi, asobole okukaasamya. Ne bafukamira ne batandika okusabira akalenzi, ddala ne kazuukira.

13 Bwe kityo bwe kyali, Ow'oluganda Blair? Ye omu ku baganda baffe wano abajjumbize. Eh, akalenzi weekali wano. Kirungi, Mukama yeebazibwe. Kirungi. Tukusaba oyimirireko, mutabani. Kaakati, twebaza Mukama omwagalwa olwa kino. Oyo ye taata w'akalenzi? Ggwe kitaawe? Ky'ekyo. N'ow'oluganda Richard Blair wuuno. Katonda waffe asobola okukola ekintu kyonna. Yee, ssebo. Yakisuubiza. Tuli mu Kubeerawo Okutukuvu okwa Katonda Kitaffe, omukulu, ow'ekitiibwa. Era ebintu byonna bye tu. . . biyinzika bwe tubikkiriza.

14 Mulaba ekyo kye kikola, obulamu bw'omusajja oyo kye bwaganyulwamu olw'okukkiriza ekyo? Kyalokola katabani ke. Kati, Katonda yalinayo abaddu be abamugondera, oku. . . Ow'oluganda Blair n'abalala, okusabira akalenzi ako bwe kaali mu mbeera eyo. Weewaawo, ekintu kyonna bwe kigwawo, mujjukirenga, nti muli baana ba Katonda omulamu.

"Buli awaba ababiri oba okusingawo nga bakuŋŋaanidde mu Linnya Lyange, awo Wendi." Nate era kyawandiikibwa nti, "Ye mubeezi ddala atabulawo mu kulaba ennaku." Era bwe waba waali wabaddewo omutawaana, kwe kulaba akalenzi ako nga kagalamidde awo, ku ttaka, kafudde, olw'okukubwa amasannyalaze agaali gakakubye. Kale twebaza Katonda enkya ya leero, n'emitima gyaffe gyonna, olwa bino—olw'ebintu bino byonna by'Atukoledde.

15 Katonda abasajja bano abeesigwa nabo, abawe omukisa. Mu kaseera ak'akatyabaga ke kaseera akatuufu okuyimusizaamu amaaso eri Katonda. Ne tumutunuulira, naye tusaanidde okubeera mu nkolagana ennungi Naye nga tewannagwaawo kabi konna. Kino tukimanyi. Bwe tuba tulabye ekisa mu maaso ga Katonda, tusobola okumusaba ekintu kyonna, nga bwe

wandisabye mukwano gwo omulala yenna, era Ye mubeezi ddala atabulawo mu kaseera ak'okulaba ennaku.

16 Olunaku lw'eggulo, lwe nnasisinkanye, mwannyina w'Ow'oluganda John Martin mu kkubo. Nnabadde . . . Waliwo eyabadde annyimirizza mu kkubo, ne wabaawo omulala eyayiseewo n'atuwuubira omukono. Bwe nnabadde nkomawo eka, nga bwe mumanyi, olaba abantu buli wamu, ne bayimirira ne bakubuuzaako, bwe batyo. Kati omukyala ono, nzijukira bampita gye buvuddeko, bwe waaliwo eyamutomera okuva e mabega, bwe yali mu mmotoka, n'abanduka olugongogongo okuva waggulu okutuuka wansi. Yali wa kusannyalala obulamu bwe bwonna. Naye atudde mu lukuŋŋaana luno enkya ya leero, nga anyumirwa Okubeerawo kwa Katonda. Mbadde njogerako naye wali mu kasenge. Njagala nziremu, nsabeko naye. Era yabadde . . . Alina w'ali muno. Ndowooza teyasobodde kuddamu kuyingira.

Naye, wuuno, wano, atudde wano wennyini ku mabbali gaffe. Ky'ekyo. Oyinza okuyimirirako katono, mwannyinaffe, abantu basobole . . . Ono ye mukyala omusawo gwe yagamba, ennaku ntono ezaakayita, nti taliddamu kutambula, eyabanduka olugongogongo n'ebirala, okuva mu kabenje—akabenje. Naye wuuyo ayimiridde, mulamu tteke.

Omanyi, Bayibuli egamba nti, "Era tebaalina kya kuddamu, kubanga omusajja yali ayimiridde mu makkati gaabwe." Ky'ekyo. Akalenzi kaakano wano akaazuukizibwa okuva mu bafu, n'omukazi wuuno wano eyali yabanduka olugongogongo, bayimiridde mu makkati gaffe. Byombi byakakolebwa, n'olwekyo y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Erinnya lya Mukama litenderezebwe! Tusaanidde kubeera basanyufu kwenkana wa olw'okubeeranga mu Kubeerawo Kwe, n'okumanya nti Ye mubeezi ono atabulawo mu biseera eby'okulaba ennaku.

Ndi musanyufu okulaba Ow'oluganda Vayle, Ow'oluganda Martin, n'abalala bangi nnyo enkya ya leero. Kale Mukama abawe nnyo omukisa, ab'oluganda. Kaakati ki . . .

17 Mmanyi nti munda muno si muweweevu nnyo, nga otaddeko n'obunene bw'ekibiina kino kyonna, kyokka nga ate, luli lwe nnava e Tucson, ebbugumu lyali eyo nga mu kikumi mu nnya oba mu ttaano. Olwo eyo nga mu ttumbi, we lyakkira ne liba ku kyenda mu ssatu, kale kati nze wano mpulira bulungi ddala. Ate mu Parker baagamba mbu lyali mu kikumi mu ana, ku Lw'okutaano nga tetunnavaayo. Kati teebereza ebbugumu eryo bwe lyenkana. Weewaawo, kiri kitundu kya ddungu.

18 Kale, kaakati, Ssande zino essatu eziddako. Leero, nga kkumi na ttaano, nzikiriza ze nnaku z'omwezi za leero, si bwe kiri, oba ziri kkumi na mukaaga; ziri kkumi na ttaano, si bwe kiri? Kkumi na munaana, n'olwa abiri mu omunaana,

n'Ogw'omunaana nga lumu, (si bwe kiri?) Ogw'omunaana. Nga abiri mu ttaano. . . Olw'ekkumi n'omunaana, olw'abiri mu ettaano, n'olusooka, walibaawo enkuŋŋaana mu kkuŋŋaaniro. Naye, omanyi, temukisaasaanya nnyo wonna, kubanga, nga bwe mulaba, ffe bennyini tulemeddwa okugyamu, ffe abali wano kaakati, munda, omanyi, kale kiba kyeyongera kuba kikalubo. Kale mukomeewo bukomi bwe munaaba musobodde.

19 N'ekirala njagala kutuula n'akakiiko k'abayima b'ekkanisa. Mpulira bino mbinkooye eby'okunnemesanga okufuna ekifo we nkuba olukuŋŋaana, nga ate mpulira nnuŋŋamiziddwa okukikola. Kale ndowooza nja kubabuuza ndabe oba tetusobola kufuna weema yaffe ku bwaffe ne—ne tugisimba, omanyi, ne tubeera omwo. Gye tusobola okugenda nayo eri mu bisaawe by'emizannyo, oba mu ffaamu, nga tugiggya mu kifo ekimu ne tugisengulira mu kirala, nga Mukama bw'anaatuluŋŋamya. Era mpulira nga ekyo ky'Agenda okukola. Omanyi, ekyo waliwo okwolesebwa okukikwatako. Era muli ndowooza nti oba oli awo y'ensonga lwaki kino kibaawo. . . Kati, omanyi, emirundi mingi tugenda ne tulowooza nti kibi nnyo olw'okuba waliwo ebintu ebitali bimu ebibaddewo, naye, omanyi, oyo yandiba nga abeera Katonda, olaba, nga y'akusindiikiriza mu bintu bino. Bw'aba, Yakyogera, era Alikikola.

20 Wayise ebiro bitono, bangi ku mmwe, mu mwezi nga gumu nga ssinnagenda mu Afirika, oba oli awo bangi ku mmwe olutambi olwo mululina, mmwe abafuna entambi, olw'obubaka obwa, *Okweroboza Omugole,* obwabuulirwa mu California. Eddakiika entono ezisembayo ku lutambi olwo, ssijjukira nga n'okubaawo nnaliwo. Naye Omwoyo wa Katonda yakka mu ngeri ey'amaanyi. Nnali nva kubanenya olw'engeri gye beeyisa ne bye bakola, nga Enjiri ebabuuliddwa era n'erabisibwa mu maaso gaabwe mu ngeri ey'amaanyi bw'etyo. Kati awo, amangu ago, Omwoyo Omutukuvu n'ayogera n'agamba nti, "Kaperunawumu," olaba, "ggwe ekibuga ekyeyita erinnya lya bamalayika," ekyo ye Los Angeles, "oyimusiddwa mu Ggulu, naye olisuulibwa wansi mu magombe." Mukiraba? Kati oluvannyuma nga olukuŋŋaana luwedde, mba, ndi wabweru, n'Ow'oluganda Mosley ne Billy nga bali nange. Ne bagamba nti. . . Baddayokko munda okwetegereza, bagenda okulaba nga wansi wonna wajjudde abantu, n'abaweereza nga bakaaba.

21 Ne ŋŋenda ne nfuna Ekyawandiikibwa. Ne ŋŋamba nti, "Ekyo Bayibuli erina w'ekyogererako."

Era yali Yesu nga anenya Kaperunawumu, n'ebibuga biri byonna eby'oku lubalama bye Yali akyalidde. Kubanga, Yagamba nti, "Kaperunawumu, ogulumiziddwa okutuuka mu Ggulu, naye olisuulibwa wansi mu magombe." N'agamba nti, "Kubanga ssinga emirimu egyo gyakolebwa mu Sodomu ne Ggomola egikoleddwa mu ggwe, byandibadde bikyayimiridde na

buli kati." Ate we yayogerera bino, Sodomu ne Ggomola byali biri wansi ku ntobo ya nnyanja.

Era amangu ddala oluvannyuma lw'ekyo, oba oli awo nga wayiseewo emyaka nga kikumi n'omusobyo, okuva ku bunnabbi bwa Yesu, Kaperunawumu, ekibuga kyokka eky'oku lubalama kye Yali akyalidde, musisi yakisuula wansi mu nnyanja. Kale mukimanyi nti okwo kwali kwanukula butereevu eri California, eri Los Angeles.

22 Ate mu Tucson jjuuzi, bwe nnali nnaakakomawo, waliwo musisi ow'amaanyi eyali yayiseeyo. Era bannassayansi baali ku ttivi nga balaga we yayise. Kyali ne mu mpapula z'amawulire. Nga bagamba nti, ensi eno, jjuuzi, yajjamu olwatika okuviira ddala ku Bizinga by'e Aleutian, manyanga okuva mu Alaska, okwetooloola Ebizinga bye Aleutian, ze mayiro nga ebikumi bibiri wansi mu nnyanja, ne lukomawo ne luyita mu San Diego, ne lwetooloola Los Angeles, ne lufulumiramu mu San Diego. Era nga olwatika olwo luweza yinci eziwererako ddala. Amayumba ne gagwamu. Ebisulo by'abagenyi ne bigwamu.

Era bannassayansi abali ku kakiiko kano ba—baabuuzibwa. Bababuuza nti, "Abaffe, ekitundu ekyo lumu tekirimogoka ne kigwamu?"

23 Omu n'addamu nti, "Kusobola busobozi? Kijja kugwamu!" N'akozesa n'amannya ag'ekinnassayansi okunnyonnyola engeri olunyata lw'enjazi gye lu . . . Ekyo kye kivuddengako musisi ono yenna okunyeenya, wonna okwetooloola San Diego n'amaserengeta gonna. Avuddenga ku mpompogoma eyo. Era kati kyonna kitandise okuwomoggoka nga kigwamu, nga omusenyu oguyiikayo wansi, era kati ku ngulu kisigadde kikalappwa kyereere. Kyonna kyekaase ne kiwagukamu, yinci eziwererako ddala. Beeyambisa ekyuma ekiketta amayengo ga musisi n'ebiringa ebyo, ne balondoola olwatika olwo, ne balulamba, we luyitira wonna.

Era luli lweyongera okugaziwa, yinci endala eziwerako, oba oli awo yinci nga bbiri oba ssatu, nate, amangu ddala nga obunnabbi obwo bwakaweebwa.

Kati abo abaali babuuza bannassaayansi ebibuuzo, baagamba nti, "Naye, oba oli awo tekiribaawo mu mulembe gwaffe guno."

24 Omusajja n'abagamba nti, "Kisobola okubaawo mu ddakiika ttaano oba mu myaka etaano; naye nga kijja kugwamu."

25 Muky. Simpson, ssirowoza nga ali naffe leero. Oba, Ow'oluganda Fred mmulaba atudde wano, naye ssimanyi Muky. Simpson w'ali. Yagenda n'aggyayo obunnabbi bwe nnawa, eyo nga mu 1935 oba awo bwe watyo, obwali bugamba nti, "Walijja ekiseera," waliwo we buwandiikiddwa mu kitabo, "ennyanja lw'eriwaguza n'ekulukutira mu ddungu."

Mulabe ebiriddirira. Ssinga enkumi n'enkumi za sikweya mayiro z'ettaka eryo lyonna libotoka ne ligwayo wansi mu lunyata lw'enjazi mu buziba bw'ensi, ne limala ligwamu, walibaawo obukadde n'obukadde bw'abantu abalifa omulundi gumu. Era ekyo kirireetawo ejjengo ery'amaanyi! Mujjukire nti, olwatika olwo lutuukira ddala engulu eri ku Nnyanja Salton, ekka wansi n'esukka ffuuti nga kikumi oba bibiri wansi w'obuseeteevu bw'ennyanja. Kabekasinge amazzi ago gandituuka n'e Tucson, ejjengo eryo ery'amaanyi bwe lirisituka. "N'ennyanja eriwaguza n'ekulukutira mu ddungu."

> Amawanga gasasika, Isiraeri egolokoka,
> Obubonero bannabbi baffe bwe baalanga;
> Ennaku z'Abamawanga esigadde mbale, era zijjudde entiisa;
> "Mukomeewo, mu nsi yammwe, Ayi mmwe abaasaasaana."

26 Tuli mu biseera bya nkomerero. Kati, Mukama abawe nnyo omukisa. Bwe ntandika okwogera ku ebyo nneerabira n'obudde. Naye ndaba, tugenda kubulawo mangu nnyo, tuggweerere mu Butaggwaawo, mangu ddala.

27 Kale kaakati mu njiri y'Omutukuvu Makko, essuula ya 7 n'olunyiriri lwa 7, nsobole okufuna ekyawandiikibwa ky'okuyigako ekyakasomebwa mu By'omumirembe Ekisooka 13. Kino okusobola okukiwa omutwe, njagala enjiri ya Makko 7:7.

> . . . *bansinziza bwereere, nga bayigiriza amateeka g'abantu nga ye* njigiriza.

28 Kati, ssirina kirala kye mmanyi okuggyako Obubaka Mukama bwe yankwasa, era bwe bwokka bwe nsobola okwogerako. Era kaakano, enkya ya leero ŋŋenda kwogera ku ky'okuyigako kye nnalowoozezza nti kinaaba kirungi. Ate akawungeezi ka leero njagala njogere ku, "mmere mu ntuuko zaayo," Mukama nga ayagadde: *Emmere Ey'Omwoyo Mu Ntuuko Zaayo,* n'engeri y'okugifunamu. Kati, enkya ya leero: *Okugezaako Okuweereza Katonda Nga Katonda Si Bw'Ayagala.*

29 Katonda asukkulumye obuyinza. Era tulaba wano Dawudi kye yakola, mu Kyawandiikibwa ekisomeddwa mu By'omumirembe Ekisooka 13. Ate yali . . . Ebigendererwa bye byali birungi. Naye Katonda okutusiima tasinziira ku bigendererwa byaffe kuba birungi. Waliwo engeri emu yokka ey'okuweerezaamu Katonda, era eyo kwe kukola by'Ayagala nga bw'aba Alagidde. Era Katonda, nga bw'asukkulumye obuyinza, tewali n'omu ayinza kumulagira kya kukola wadde engeri y'okukikolamu. Akikola mu ngeri, Ye y'amanyi engeri entuufu ey'okukikolamu. Era ekyo kindeetera okuwulira obulungi. Era ffenna kisaanidde okutuleetera okuwulira obulungi, era nkakasa bwe kikola. Kubanga, omu ayinza okwagala kikolebwe *bwe*

kiti, omulala n'ayagala kikolebwe *bulala*, n'omulala n'ayagala kikolebwe mu ngeri ndala.

30 Naye ekintu ekikulu, nate era, ku Katonda kiri nti, tatulese, kati, nga tetumanyi Amazima ge gali wa n'engeri y'okugakolamu. Teyandibadde mwenkanya, okutubonereza olw'okukola ekintu nga tetumanyi bwe kirina kukolebwa, n'atulekerayo ne tugwamu kigwe. Si ye Katonda ow'engeri bw'etyo. Ye Katonda ayogera Ekigambo era nga asuubira abaana Be okukikkiriza. Kale, n'olwekyo, y'Amanyi ekisinga obulungi, n'ekiseera mwe kirina okukolebwa, n'engeri y'okukikolamu. Ffe tuba n'endowooza zaffe ku kyo, naye Ye y'amanyi.

31 Kale n'olwekyo Ye bw'ateekawo enkola, ey'ekyo ky'Agenda okukola, naye n'atatubuulira binaddirira na ngeri ki gye binaabaawo, awo ffe, ssinga tugyesittalako, tuba—tuba tetulina kya kunenyezebwa mu—mu kwesittala kwaffe; oba, mu kugezaako kwaffe okubaako kye tukola, buli omu yandibadde tanenyezebwa. Naye waliwo engeri emu yokka, era eyo kye Kigambo Kye.

32 N'ekirala, Dawudi wano, tumulaba nga mu mutima gwe ekintu kye yali ayagala okukola kyali ekirungi. Teyalina kigendererwa kikyamu, newankubadde ekiruubirirwa ekikyamu. Naye, ennyumba, manyanga essanduuku ya Mukama, yali eri wala n'a—n'abantu, bw'atyo n'ayagala akomyewo essanduuku ya Katonda mu kifo kyayo, abantu basobole okwebuuza ku Katonda ku bintu bye baali baagala.

33 Mu kifo kya—ky'okumala gakireka batyo, tu . . . Watya ssinga Ow'oluganda Blair ne taata w'akalenzi kano baagamba bugambi nti, "Bambi, kibi nnyo, omwana yalumiziddwa, n'afa. Ndowooza, kyaguddewo bugwi"? Wabula baayanguwa okugenda eri Katonda.

34 Watya ssinga omukyala oli, ne bba, omubuulizi w'Enjiri, ebiro bitono ebiyise, manyanga ennaku eziyise, omukyala oyo bwe yabanduka olugongogongo, oyo eyaakasituka . . . Omusawo yabagamba nti, "Ajja kuba musannyalavu obulamu bwe bwonna." Watya ssinga ye ne bba baagamba bugambi nti, "Omanyi, mukwano, tujja kumala gakigumira bugumizi"? Wabula mangu ddala waliwo kye baakola ku nsonga eyo; baagenda butereevu eri Katonda. Ebintu bimeka mu Bayibuli bye tuyinza okusongako, ebiraga engeri abantu bwe baagwanga mu buzibu, bwe baddukira eri Katonda!

35 Naye, kati, mu biro ebyo, baalina ekifo kimu kyokka mwe baasisinkaniranga Katonda, era ekifo ekyo yabanga ssanduuku, wansi w'omusaayi. Era kye kikyali ekifo kyokka eky'okusisinkanirangamu, wansi w'Omusaayi. Gwamansirwanga ku ntebe y'okusaasirwa, okusobola okuleeta okusaasira eri omusinza, oba oyo asaba, bwe yabanga azze okubaako ky'asaba okuva eri Katonda. Era Katonda yabanga

n'enkola ey'enjawulo, engeri gye walinanga okugendayo, era, mu nsonga eyo, nga tayinza kukkiriza ngeri ndala yonna. Nga tayinza kukkiriza nkola ndala yonna; wabula engeri gye Yalagira kikolebwe.

36 Jjuuzi mbadde nnaakabuulira Obubaka, bangi ku mmwe bwe mumanyiiko, obugamba nti, waliwo ekifo kimu kyokka Katonda mw'asisinkanira omusinza, nga kye kifo kye Yagamba nti, "Mwe Nditeeka Erinnya Lyange." Ssinga tusobola okuzuula ekkanisa mwe Yateeka Erinnya Lye, awo ekifo ekyo tuba tukifunye. Yagamba nti, "Ssiribaweera mukisa mu miryango mirala gyonna; wabula mu miryango mwe Nditeeka Erinnya Lyange. Ndiriteeka mu kifo kimu kyokka, era mulina kunsisinkaniranga eyo; era ekyo kye kifo kyokka mwe Nnaabasisinkaniranga." Era twakiraba nti, omwo, mwe Yateeka Erinnya Lye, era nga ekyo kye kifo kyokka mw'Asisinkanira omusinza. Era Erinnya Lye yali Yesu Kristo. Erinnya Lya Katonda ye Yesu Kristo.

37 Yesu yagamba nti, "Nnajja mu Linnya lya Kitange." Buli mwana wa bulenzi ajjira mu linnya lya kitaawe. Era naye Yajjira mu Linnya lya Kitaawe.

"Era tewali Linnya ddala lyonna wansi w'Eggulu eryaweebwa abantu," oba bayitibwa Bamesodisiti, Babaputisiti, Bapulesibeteriyani, ab'eddiini y'ekkanisa ya Kristo, kyonna kye baagala okweyita. Waliwo ekifo kimu kyokka Katonda mw'asisinkanira omuntu, era weewo nga omuntu ali mu Yesu Kristo, kye kifo kyokka. N'ebintu bino byonna eby'edda eby'omu Ndagaano Enkadde, byali byoleka ekyo. Njagala mukiteegerere ddala. Kati, lino lye ssomo ekkulu ery'olwa Ssande. Nninawo ku Byawandiikibwa n'ensonga enkulu ze nnawandiise wano. Nnalowoozezza nti kino kiyinza okubayamba okutegeera, nga ebyaliwo edda byonna bwe byali eky'okulabirako gye tuli.

38 Kaakati, tukiraba nti Katonda yalina engeri gy'ayagala ebintu bikolebwe. Naye Dawudi, olw'okuba Katonda yali amuwadde omukisa, nga bwe yali, n'afuuka kabaka, yalowooza nti anaamala gabaako ky'akolera Katonda, ye nga bw'alaba. Wabula teyakikola mu ngeri ntuufu.

39 Tulaba nti, Katonda Ekigambo Kye akibikkulira mu ntuuko zaakyo ze Yakiteekerateekera. Kati, Martin Luther yanditegedde atya Obubaka bwa leero? Ate Abapulesibeteriyani? Martin yanditegedde atya . . . manyanga ekereziya Katolika yanditegedde etya obubaka bwa Martin Luther? John Wesley yanditegedde atya obubaka bwa Luther? Wesley yanditegedde atya obubaka bw'Abapentekoote? Oba Abapentekoote banditegedde batya Obubaka buno? Mukiraba? Akibikkulira mu ntuuko Ze, kubanga Kyo Nsigo. Era gye Kyeyongera okumera n'okukula, nga naye Yeebikkula.

40 Kiringa bw'olaba ebbugumu eriva ku njuba, bwe ligimerusa. Bw'eba ekyali ŋŋonvu nga nto, ligijjayo mu ttaka, ensigo; ne ligiwa ebikoola byayo, mu mutendera omulala ogw'omusana. Omusana ogwokya ennyo ensigo guba gujja kugitta bussi bw'eba ekyayengera . . . manyanga bw'eba mu kiseera ky'okwengera. Kale nno, Agera omusana ogw'ekigero n'agera n'obutonde, okusobola okutuukana n'Ekigambo Kye.

Y'agerera Ekkanisa, abo abaayawulibwa, Omugole, okutuukana n'ebiro bye balimu.

41 N'obutonde bwennyini butulaga leero, nga bwe tulaba amawanga nga gasasika, nga ensi ebbira, waliwo ebiwandiikiddwa n'omukono ku kisenge. Tulaba ekkanisa n'embeera mw'eri.

Tulaba Omugole n'embeera gy'Alimu. Era tumanyi, okusinziira ku butonde, nti Ekkanisa yeeteekateeka okugenda. Nga kiseera kya kitiibwa! Kye kiseera bannabbi bonna kye baayaayaaniranga okulaba, ekiseera kino.

42 Kaakati, Ekigambo Kye akibikkula mu ntuuko zaakyo mwokka. Martin Luther yasomanga Bayibuli y'emu gye tusoma. Wesley yasomanga Bayibuli y'emu Martin Luther gye yasomanga. Abapentekoote basoma Bayibuli y'emu gye tusoma. Yesu yasomanga Bayibuli y'emu Abafalisaayo gye baasomanga, naye baalina . . . Baagezaako okukuumira empeke y'eŋŋaano ku mutendera ogw'okuba nga nto, nga ate yali eyengera, bwe batyo ne balemwa okutegeera ekiseera kyabwe.

Kati ne Dawudi akoze ekintu kye kimu wano.

43 Katonda Ekigambo kino akibikkulira mu ntuuko zaakyo, era eri oyo gw'aba Alonze okukibikkulira. Katonda y'Alonda gw'akibikkulira. Ekyo yakisalawo dda nga n'ensi tennatondebwa. Byonna by'Akola Ye yabimanya dda, naye byakwekebwa omuntu obutabimanya. Abibikkula nga bw'Aba ayagadde. Mu ntuuko z'Aba alonze, eri omuntu gw'Aba alonze. Ate talondangako kibiina kyonna oba kabinja; wabula omuntu gw'aba alonze, bw'atyo bw'Akikola.

44 Ani oyo eyeŋŋanga okumugolola, nga agamba nti, "Kaakati, Mukama, wakola nsobi okuteeka omusajja *ono* mu buweereza. Omusajja *ono* takkiriza nga ffe bwe tukkiriza"? Ani ayinza okugamba Katonda nti mukyamu mu ekyo? Ekyo omuntu asobola okukimugamba, ateekwa okuba nga nange mmusinga empisa. Amanyi ky'Akola. Amanyi asaanidde okulondebwa n'oyo atasaanidde kulondebwa, kiki eky'okukola era ne ddi lwe kisaanidde okukolerwa. Ka tube nga tulowooza kyenkana wa nti gundi asobola okukola omulimu gundi, Katonda amanyi ani asaanidde okugukola mu kiseeera n'entuuko, manyanga ekiseera n'ekiseera ekituufu eky'okugukoleramu.

45 Era, Omukristaayo yennyini owa nnamaddala; omukkiriza omutuufu, akkiririza mu Katonda, alindirira Mukama

olw'ebintu bino. Lindirira ku lw'obuweereza bwo. Bw'oba owulira okuyitibwa, sooka okakase oba nga Katonda y'akuyita. Sooka okakase oba nga kutuufu. Sooka okakase oba nga kye kiseera ekituufu eky'okukoleramu ekyo ky'ogamba. Bayibuli egamba nti, "Abo abalindirira Mukama amaanyi gaabwe galidda buggya. Balitumbiira n'ebiwaawaatiro ng'empungu. Balidduka tebalikoowa. Bwe balitambula, tebalizirika."

46 Laba Dawudi, kabaka wa Isiraeri, nga yaakafukibwako amafuta. Samwiri ye yamufukako amafuta, era yali alondeddwa Katonda, okubeera kabaka wa Isiraeri. Bw'atyo Dawudi n'afuna okubikkulirwa kuno, okukomyawo essanduuku ya Mukama mu kibuga kya Dawudi. Kaakati, tewali kikyamu mu ekyo, wabula, olaba, Dawudi engeri gye yakikwatamu y'eyali enkyamu.

47 Kaakati, kirabika nti ssinga omusajja afaanana bw'atyo afuna okubikkulirwa, omusajja ow'ekitalo nga kabaka alondeddwa Katonda, kabaka akyasinzeeyo ekitiibwa ku nsi, nga oggyeeko Kristo, ndowooza, yali Dawudi, kubanga Kristo ye Mwana wa Dawudi. Kaakati, omusajja akyasinzeeyo okuba ow'ekitalo, eyali yaakafukibwako amafuta, nga aviira ddala mu Kubeerawo kwa Katonda, yafuna okubikkulirwa okubaako ky'akolera Katonda, era n'ayagala akikolere Katonda; wabula okubikkulirwa kwe yalina kwali kukyamu. Kati nno, ekyo kintu kikulu. Ekyo kye kigenda okubeera ekinyusi ky'eky'okuyigako kyaffe: *Okugezaako Okuweereza Katonda Nga Tewayitibwa Kukikola*.

48 Mulabeeyo, Dawudi yafuna okubikkulirwa. Era mwetegereze, nnabbi, Nassanayiri si ye yakufuna, si ye yafuna okubikkulirwa. Yali kabaka, Dawudi, ye yafuna okubikkulirwa okwo. Nassanayiri ye n'okwebuuzibwako teyeebuuzibwanako yadde ku nsonga eyo. Teyabuuza ku Nassanayiri. Naye mukyetegerezza wano, mu By'Omumirembe Ekisooka, nti yeebuuza ku baduumizi b'enkumi, n'abaduumizi b'ebikumi? Teyeebuuza ku Nassanayiri. Wabula yeebuuza ku bantu, ne yeebuuza ne ku bakabona n'abaasomerera eby'eddiini ab'omu biro ebyo, ku bawandiisi n'abaasomerera eby'eddiini. Dawudi yasooka kwebuuzaako, n'agamba nti, "Oba nga, kino, kivudde eri Katonda, ka tuserengete tuleete essanduuko y'endagaano ya Katonda waffe, tugireete eno mu kibuga, naye leka tusooke kwebuuza ku Katonda nga tetunnatandika kukola kintu kyonna."

49 Naye kigambibwa, mu nnaku za Sawulo nti, "Katonda baali tebakyamwebuuzaako, okuyita mu—mu—mu ssanduuko, Ulimu, Ulimu Sumimu. Ekyo baali baalekera awo okukikola."

Dawudi n'abagamba nti, "Kaakati leka tudde eri Katonda, ffenna! Leka tuddeyo ku kituufu. Ka tuserengete tuggyeyo essanduuko tugireete wano, tuleete Okubeerawo kwa Katonda," ekitegeeza nti, "mu kibuga. Leka tutegekewo enkuŋŋaana

z'okudda obuggya. Leka tukomyewo abantu." Weewaawo yafuna okubikkulirwa, okwali kulabika nga okulungi, naye nga Katonda si bwe yali ayagala.

50 Mu kifo ky'okwebuuza okuva ku nsibuko gye yali asaanidde okwebuuzako, yeebuuza ku baduumizi be, kubanga yali yaakafuuka kabaka. Bw'atyo n'agoberera ndowooza efaanana bw'etyo, nga, yebuuza ku baduumizi be abakulu ne basajja be ab'amaanyi.

51 Bwe yava eyo n'agenda mu kkanisa ey'olukale n'ababuuza oba nga kisoboka bo okutegekawo enkuŋŋaana z'okudda obuggya. Bakabona, abawandiisi, abaduumizi b'enkumi, abaduumizi b'ebikumi, bonna n'abebuuzaako. "Bw'ati Mukama bw'abadde ayagala?" Ne bamuddamu nti bwe kiri. Naye, mulaba, yalemwa okwebuuza ku nsibuko enkulu Katonda mw'akolera bulijjo. Mukiraba, teyeebuuza.

52 Kati ekigendererwa kye kyali kirungi. Ekiruubirirwa kye kyali kirungi. Kye yali anoonya kyali kirungi, nga kwe kuleeta okudda obuggya mu kibuga, okukomyawo abantu eri Katonda, wabula teyeebuuza kumanya ngeri Katonda gye yamugamba kukikolamu, olaba, era abantu bonna bakkiriziganya, ne bakabona bonna nga bagamba nti kabaka yali mutuufu: Essanduuko baali bagyetaaga ekomezebwewo mu kibuga; kaakati, baali beetaaga Okubeerawo kwa Katonda. Baali beetaaga okudda obuggya.

53 Wabula, Katonda yali tasuubizangako kubikkula Kigambo Kye, mu ntuuko Zaakyo, eri bantu ab'olukale. Tasuubizangako kukibikkulira kabaka, mu ntuuko. Katonda takyuka, n'akatono. Ekyo tasuubizangako kukikola.

54 Omuntu k'abe mwesimbu okwenkana wa, era nga alina ebigendererwa ebirungi bitya, n'ebiruubirirwa ebirungi, n'abantu ka babe nga ebintu ebyo babyagala okwenkana wa era nga balaba nga bwe byetaagisa, mu bintu bino waliwo engeri ya Katonda bw'aba ayagala bikolebwe. Ekyo kye njagala nzikaatiririze ddala, kubanga kino njagala nkirambulule kitegeerekeke osobole okukiraba Omwoyo wa Katonda bw'aba—bw'aba nga ddala ali mu ggwe. Era eyo y'ensonga lwaki wano nneesibyewo nnyo. Ssigezaako kubamalira bumalizi budde mmwe abawuliririza ku ssimu, n'abayungiddwa ku mukutu, wabula nja—njagala mukirabe. Obudde bwe bunaabaggwaako, waakiri mufune olutambi. Ku lwo . . .

55 Ekintu ne bwe kiba kyetaagibwa okwenkana wa, nga buli omu akkiriza nti kyetaagisa, era nga ge Mazima, wasigala wakyaliwo ekintu kimu ekyetaagisa okusooka okuzuula. Katonda bw'atyo bw'ayagala?

Kati, Katonda tasuubizangako kubikkula byama Bye eri bakabaka Be, tasuubizangako kubikkula byama Bye eri bantu Be.

56 Kifaananako n'ekyaliwo mu biro bya Mikaaya, mutabani wa Imula. Tugenda kuba nga abava, si kuva ku kya kuyigirizaako kyaffe, wabula tugenda kubaako ebiro bye tulaba, nabyo tubigatteko tusobole okukiggyayo mu ngeri ennambulukufu gye muli, mukitegeerere ddala, kireme kubayitako.

57 Mu nnaku za Mikaaya, waaliwo . . . Yali musajja mwavu, era nga asibuka mu maka maavu. Wabula, Akabu, kabaka wa Isiraeri, nga eggwanga eryali wansi wa Katonda, yali yatandikawo essomero, era yalina bannabbi be yali ayimusizza, be yali yeeroboza, nga awezaawo bannabbi ebikumi bina mu ssomero eryo. Era nga baali basajja ba kitalo. Tebaali bannabbi ba bulimba. Baali bannabbi Abaebbulaniya, abasajja abeesimbu ddala. Era abantu beebuuzanga ku Mukama okuyita mu basajja bano. Era baalagulanga. Wabula, bwe mwetegereza, okusoomoozebwa kwennyini bwe kwajja, bonna beesanga bali bweru wa Kigambo kya Katonda n'okwagala Kwe. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

58 Kubanga Yekosaffaati yaserengeta okuva e Yerusalemi okusisinkana ka—kabaka Akabu, ne bambala ebyambalo byabwe, ne bafuluma mu—mu miryango eminene, ne baleeta bannabbi balabike mu maaso gaabwe. Akabu ye yasooka, n'agamba nti, "Ekitundu kino eky'e Lamosugireyaadi mu butuufu kyaffe." Kaakati, ekyo kyali BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Kubanga Yoswa yali yabagabanyiza ensi ekitundu ekyo n'akibawa, naye Abafirisuuti baali baakiwamba.

N'agenda mu maaso n'agamba nti, "Abaana baffe bali wano beetaaga emmere, naye tetulina ttaka limala kulimirako mmere. Kyokka nga abalabe baffe, Abafirisuuti, baliisa abaana baabwe, abakaafiiri, ku ttaka lyennyini Katonda waffe Yakuwa lye yatuwa." Eyo nno yali nsonga ddala. N'ayongerako nti, "Tuutuno, tuli wano, abantu ba Katonda, tuli wano n'abaana baffe, tuli mu bwetaavu, kyokka nga abalabe baffe baliisiza abaana baabwe ku ttaka Katonda lye yatuyitira okuva e Misiri n'alituwa." Ebigambo bwe bityo byandiyimusizza omuyivu mu by'eddiini, si bwe guli? N'abuuza nti, "Tetuyaambuke ne tweddiza ttaka lyaffe Katonda lye yatuwa?"

59 Yekosaffaati n'agamba nti, "Weewaawo, nja kukuyambako. Tuli baaluganda. Oli mu Yuda, nange ndi mu—mu Yerusaalemi." Oba—oba, nkyogedde kifuulannenge? Ndowooza . . . Nedda, ekyo kye kituufu. Ndowooza . . . Yekosaffaati.

Wabula, Yekosaffaati yali musajja mulungi, kabaka, omusajja omutuukirivu eyayagalanga Mukama. Ate ye Akabu yali mukkiriza wa kibuguumirize. Bwe batyo ne babaserengesa, Yekosaffaati n'agamba nti, "Muwulirize, okusooka, leka twebuuze ku Mukama. Tusaanidde okuzuula ebikwata ku nsonga eno." Mukiraba, kale ssinga ne Dawudi yakola

nga Yekosafaati bwe yakola! Yamubuuza nti, "Kino si kye tusaanidde okukola?"

Era amangu ago, engeri gye yali Omuyisiraeri, Akabu yagambirawo nti, "Ddala kye tusaanye okukola. Nnina Abaebbulaniya ebikumi bina, abali nga ffe, bannabbi Abaebbulaniya abava mu kibiina kyaffe kyennyini. Nja kubeebuuzaako. Bannabbi." Kati, mulaba, kwe kugamba . . .

60 Oyinza okuŋŋamba nti, "Ekyo kinneesittaza, Ow'oluganda Branham. Nnabbi omulamba?" Yee, ddala. Waliwo omu lumu eyaliwo mu biseera bya Yeremiya, eyagamba nti baali ba kumalayo emyaka ebiri gyokka. Ye Yeremiya Mukama yamugamba, "nsanvu." Bw'atyo yali ayambadde ekikoligo mu bulago bwe, nnabbi ono n'akimenya, Kananiya. Naye mumanyi ekyamutuukako. Yee, ddala. Olina kunyweerera ku Kigambo.

Bwe batyo bannabbi bano ne bajja ne balagula, ne bagamba nti, "Yambuka! Mukama ali naawe."

61 N'omu ku bo, ndowooza (erinnya lye ndyerabiddemukko) eyali abakulira, ndowooza, yali Zeddekiya, n'agamba, n'ayambala amayembe ag'ekyuma n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Nga okozesa gano," kati omusajja oyo yali mwesimbu, "olitomera omulabe wo n'omusindiikiriza n'addirayo ddala mu nsi y'ewaabwe, owambe ekyo ekya Katonda. Kyakuweebwa." Ssikkiriza nti omusajja oyo yali munnanfuusi. Nzikiriza yali musajja mulungi. Nzikiriza bannabbi abo bonna bwe batyo bwe baali.

62 Muli weebuuza nti, "Bannabbi?" Yee! Mujjukire nti, omusajja yennyininnyini eyasalawo eggoye nti Yesu Kristo attibwe, yawa obunnabbi, kubanga ye wofiisi mwe yali. Ye yali kabona omukulu omwaka ogwo. Era olw'okuba nga ye yali mu wofiisi y'omulimu ogwo, era nga ye yali mu buvunaanyizibwa obwo, Omwoyo wa Katonda yamukkako. Ekyo kyali tekitegeeza nti yalokoka oba ekintu kyonna. Era yalagula, Kayaafa, kubanga wofiisi gye yali akolamu ye yakola ekyo.

63 Kati ne bannabbi bano, engeri gye baali bannabbi, mu wofiisi ya nnabbi, baalagula. Era Omwoyo wa Katonda yabakkako, baali basajja abaali balina ebirabo eby'Omwoyo.

64 Mmanyi nti ku bantu be njogera nabo kyenda mu mwenda ku kikumi ku bo Bapentekoote. Naye abantu emirundi mingi, omuntu, Katonda ayinza okukolagana naye, n'amuwa ekirabo, naye abantu abo abalina ebirabo abantu ne babeetayirira. Era omuntu oyo bw'aba nga teyayitibwa na kutumibwa Katonda mu ngeri yennyini etuukiridde, abantu abo bajja kuleetera omusajja oyo oba omukazi oyo okwogera ekintu ekitali mu kwagala Kwe, kubanga abantu bamuwalirizza okukikola.

65 Ekyo lumu nnakiraba ne ku musumba waffe wano. Bwe nnali eyo mu ttale ku makya olumu, ku ssaawa nga mwenda

ez'ekiro, n'aŋŋamba nti, "Genda ogambe Ow'oluganda Neville!" Era nnajja gy'oli, ssaakikola, Ow'oluganda Neville?

66 Nga buli omu agamba nti, "Ow'oluganda Neville, ndagulaako. Mbuulira *kino* oba *kiri*." Olaba? Ne mumuleetera n'okwogera ebintu ebitaatuukirire.

"Abo abalindirira," okuzuula Mukama ky'ayagala kikolebwe. Mukiraba?

67 N'olwekyo abasajja bano ensonga eno baagitunuulira mu ngeri ya buntu ne bagamba nti, "Ekitundu ekyo kyaffe." Naye, omanyi, tebaanoonya kumanya Kigambo kye kigamba na kiki Katonda ky'ayagala kikolebwe.

68 Awo Mikaaya n'aserengeta, nga afunye okwolesebwa. Bwe mwetegereza obulungi, ensonga eyo yagyekkaanya, okusooka. N'abagamba nti, "Mulindeeko. Mumpeeyo ekiro kya leero. Leka nsooke nnoonyereze, kale enkya oba oli awo nnaabaanukula." Teyayanguyiriza kugamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA," nga, akkiriziganya ne bannabbi bali abalala bonna. Yagamba bugambi nti, "Nja kwogera ekyo kyokka Katonda ky'anaaba agambye."

Era enkeera, tulaba nga, Katonda yali yamubuulidde ebyali bigenda okubaawo. Era byali byawukanira ddala ku by'abalala. Byali bikontanira ddala, n'essomero lyonna. Okutuusa nti omu ku bo yasituka n'ajja amupacca oluyi mu maaso, olw'ekyo. Naye, mukiraba, yalindirira. Era bwe yakikola, yageraageranya obunnabbi bwe, okwolesebwa kwe, n'Ekigambo ekiwandiike, era n'asanga nga kwali kukwataganira ddala n'Ekigambo.

69 Omuntu bw'agamba mbu "yafuna okubikkulirwa okw'okubatiza abantu mu Linnya lya 'Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu,'" ekyo kikontana n'Ekigambo. Tewali n'omu ku bo bonna yali akikoze. Bwe bagamba, nti, "Ha, tugenda kuyimirira, ne *kino*, *ekyo*, ne *kiri*," bwe batyo, ekyo kikontana n'Ekigambo. Bwe bagamba nti "tebakkiriza zzadde lya musota," ekyo kikontana n'Ekigambo. N'ebintu ebirala bino byonna, byonna bikontana n'Ekigambo. Kiteekwa okuba nga kikwatagana n'Ekigambo ate mu ntuuko zaakyo entuufu.

70 Kati, ekyo ssinga Dawudi kye yakola. Essanduuko yo yali ya kujja, wabula si mu kiseera ekyo; tewaaliwo kifo kyayo mu kiseera ekyo.

71 Kaakati weetegereze bwe baaserengeta okujjayo essanduuko, abakungu bonna ne bagamba nti, "Dawudi, ekyo kye kisaanidde okukolebwa. Ekitiibwa kibe eri Katonda! Twetaaga okudda obuggya." Abo baali Bapentekoote bennyini, aba leero; n'Ababaputisiti, n'Abapulesibeteriyani. "Dawudi, ggwe kabaka waffe! Mwe mwenna. . .Kapiteeni *gundi*, ne Mmeeja *gundi*, ne Jjenero *gundi*, bonna bajja kubaayo mu lukuŋŋaana lwo. Kubanga, ssebo Dawudi, bonna bagamba nti

ekyo kye kintu kyennyini ekisaanidde okukolebwa. Eggwanga lyonna likuwagira."

Ogwo gwe mutawaana oguliwo leero. Kye nneetaaga ssi lye ggwanga lyonna okumpagira. Nneetaaga Katonda, ne bwe waba tewali n'omu ayimiridde nange.

72 Dawudi yalina bakaputeeni bonna. Amagye gaali gakolaganira wamu naye. Ebibiina by'amadiini byonna byali bikolaganira wamu naye, n'abaasomerera eby'eddiini bonna, na buli omu, nga bonna bakkiriziganya naye. Ne Akabu bw'atyo bwe yali, n'abalala abali mu Byawandiikibwa; naye teyalina Katonda, kubanga yali bweru wa kwagala kwa Katonda. Kino ka nsuubire nti tukitegeera.

73 Mulabeeyo, baakola buli kintu kye baali basobola okukola ekyali kirabika nga eky'omwoyo. Oba oli awo baayisa n'ebirango na buli kimu nga bagamba nti, "Olukuŋŋaana gaggadde olw'okudda obuggya! Essanduuko egenda kukomezebwawo. Tugenda kuba n'okudda obuggya. Tugenda kukola *kino*."

74 Mwekkaanye, yaweereza abayimbi. N'aweereza abakubi b'entongooli, n'abafuuyi b'amakondeere, nabo ne bakola buli kimu ekyali kirabika nga eky'omwoyo kye baali bamanyi; naye era nga Katonda tabiriimu.

Tulinga abakiraba nga kiddamu okubeerawo, si bwe kiri?

75 Baatwala abayimbi bonna. Ne batwala abakubi b'entongooli, abafuuyi b'amakondeere; abakazi, abasajja, na buli muyimbi yenna. Bonna babaserengesa ne babatwalayo, ne bakola buli kimu ekyali kirabika nga eky'omwoyo.

Kino ssaagala kukyogera, naye ate nteekwa buteekwa okukyogera. N'ebibiina by'amadiini bino eby'ennaku zino bwe bityo bwe biri, Abapentekoote n'abalala bonna, bakola buli kimu ekirabika nga eky'omwoyo, nga okuyimba n'okuwoggana.

76 Mulabeeyo, Dawudi yawoggana n'amaanyi ge gonna, n'aleekaana, n'abuuka, n'akola buli kimu kyonna ekyali kisobola okulabika nga eky'omwoyo; naye era byonna Katonda teyabiriimu. Kyokka nga ekigendererwa kye, n'ekiruubirirwa kye, byonna byali bituufu; wabula yakikwata mu ngeri nkyamu. Mukiraba? Yakola ebintu byonna ebiraga nga bwali ow'omwoyo; yawoggana, yayimba, yalina abayimbi ab'enjawulo, n'abawogganyi ab'enjawulo, na buli kimu kyonna. Baazinira mu mwoyo. Baakola buli kintu kyonna ekyali kirabika nga eky'omwoyo.

77 Kifaananako ne zi kkuluseedi zaffe ennene ezikubibwa mu mulembe gwaffe guno. Ensi yonna baagala bagikyuse edde eri Kristo. Teriiyo kintu kya ngeri nga eyo. Baagala babeere n'enkuŋŋaana gaggadde, wabeewo ebintu eby'ekitalo; ssinga babadde basobola okutegeera, banditegedde nti ekiseera ekyo kyayita dda. Yasalirwa dda omusango. Naye bazimba, bakola

zi kkuluseedi, bagunjaawo ebibiina, na buli kimu. Wabula, ebibivaamu bifaanana nga ebyaliwo mu biro bya Dawudi, tebyakola.

78 Tugenda ne tuba n'enkuŋŋaana. Abamu ku, babuulizi baffe ab'enjiri ab'amaanyi leero, bagenda ne bagamba mbu baafunyeeyo abaalokose emitwalo esatu, mu bbanga lya wiiki mukaaga; naye wayitawo omwaka gumu, bagenda okuddayo, nga n'amakumi asatu tebabalabako. Waliwo ekikyamu. Era nga ekyo, kye kimu ne Dawudi kye yakola. Abakungu ab'amaanyi, abasajja ab'ebitiibwa, ababuulizi abatutumufu, amasomero agasingako obunene, ab'obuyinza obwa waggulu, naye nga era bakyebuuza ku kibiina kya ddiini ekikadde mu kifo ky'okutunula mu Kigambo kya Katonda okulaba oba nga ky'ekiseera ekituufu. Waliwo ebika by'emmere by'otoyinza kulima mu biseera ebimu eby'omwaka.

79 Kaakati leka tulabe kiki ekyaddirira. Wadde nga... Okukyamuukirira kwabwe mu kusinza n'ebirala byonna byali bya maanyi, ebigendererwa bye baalina byali bya maanyi, kkuluseedi gye baakuba yali gaggadde, okuyimba kwe baayimba kwali kwa ttendo, amazina ge baazina gaali ga kitalo, n'okuwoggana kwabwe kwali kwa maanyi, n'ebivuga byabwe nga bya maanyi, n'essanduuko baagirina. Naye essanduuko egasa ki nga Katonda taliiwo? Kiba kibookisi bubookisi eky'embaawo, omuli ebibajjo by'amayinja bibiri.

Ekyo kiringa okusembera, n'okubatizibwa. Kigasa ki okubatizibwa nga tosoose kwenenya? Kigasa ki, okusembera, okubeera munnanfuusi, bw'oba totambulira mu bulamu busaanidde era nga tokkiriza Kigambo kya Katonda kyonna mu bujjuvu? Nga otwalako ekitundu ku Kyo, ate ekitundu ekisigadde ku Kyo n'otakitwala, kiraga nti waliwo ekikyamu.

80 Kaakati, bino byonna bwe bibaawo, leka tulabe kati biki ebiddirira nga Katonda, n'omulembe Gwe n'ekiseera Kye, tebifiiriddwaako; nga endowooza y'abantu y'etwaliddwa nga enkulu.

81 Bangi bambuuzizza nti, "Lwaki tojja eno n'okubayo olukuŋŋaana? Kale, tukuyise. Teeka omukono gwo *ku kino*, *ekyo*, oba *kiri*."

Mulindeeko! Mmwe muyinza okuba nga mukyagala, naye Katonda akyogerako ki? Abantu bangi baŋŋambye... Mpitiddwa emirundi egy'enjawulo, mbuuziddwa ebibuuzo, abalala njogeddeko nabo omu ku omu n'ebintu ebiri nga ebyo, naye ne mbalinza okumala omwaka mulamba. Mulindeeko! Nnaamanya ntya eky'okwogera nga Katonda tannambuulira kya kwogera? Mukiraba, olina okulinda! Ye nsonga lwaki nnagamba nti, "Mubeeko ne we mukiwandiika. Nsooke ndabe ky'Agamba." Olaba? Lindirira! "Abo abalindirira Mukama baliddamu amaanyi." Si bwe kiri?

82 Mulabeeyo, bakabona b'ekiseera ekyo be bokka be beebuuzaako, n'abaasomerera eby'eddiini, n'ebibiina by'amadiini. Era mulabeeyo, mu kukola bwe batyo, nga beebuuza ku bakabona ne ku kibiina eky'awamu, nga beebuuza ku bantu, baakola kikyamu.

83 Labayo, essanduuko ye yali Ekigambo. Ekyo tukimanyi nti bwe kiri. Kubanga, essanduuko ye Kristo, ate Kristo ye Kigambo. Olaba? Essanduuko, nga kye Kigambo, teyateekebwa mu kifo kyayo ekyalagirwa, ekyagironderwa, mu kifo mwe yalagirwa okubeera. O, kino tekibayitako, mmwe ekkanisa!

Buli kimu kyali kiteredde, era nga byonna birabika bulungi, nga kirabika nga okudda obuggya okw'amaanyi okwali kubindabinda; naye olw'okuba baalemwa okwebuuza ku muntu omutuufu gwe kikwatako! Beebuuza ku bakabona, ne beebuuza ku b'ebitiibwa, ne beebuuza ku baasomerera eby'eddiini, ne beebuuza ku bayimbi, ebyasalibwawo ne babiwumbawumba wamu nga bonna bakkiriziganya, wamu n'ekibiina eky'amaanyi eky'amagye, awamu ne—ne—n'amagye g'eggwanga. Ebintu byonna byali bitambula bulungi mu nteekateeka z'olukuŋŋaana gaggadde, wabula baalemwa okwebuuza ku Katonda. Ne Akabu bwe yakola, n'abalala bwe batyo. Nga kaali kaseera!

84 Kati leka kino kireme kukuyitako. Baalemwa okukifuna, kubanga baali tebeebuuzizza. Era mu kukola bwe batyo . . . Wekkaanye. Mu kugenda eri bakabona, mu kugenda eri abaasomerera eby'eddiini, ne mu kugenda eri amagye, ne batalowooza na kwebuuza ku mubaka wa Katonda eyatumibwa ow'ekiseera ekyo, Nassani, baakola kikyamu. Baagenda ne bajjayo essanduuko ne bagiteeka ku kigaali ekipya, ne bagiteeka ku kigaali ekipya, oba, "ekibiina ky'eddiini ekipya kigenda kutandikawo," ne batakikola mu ngeri ya Katonda, gye yateekawo ey'okugisitulanga. Yali eteekwa kusitulirwa ku bibegabega by'Abaleevi. Naye, olaba, bw'okyama mu kutandika, ojja kweyongera bweyongezi kukyama.

85 Essasi bwe libaako ssabbaawa gye liteekwa okuteeba, kyokka n'onyeenyaamukko omudumu gw'emmundu ne guseeeseetukamukko akabanga ka kimu kya lukumi wano, w'osinziirira, we linaatukira mu yaadi kikumi ojja kuba okubye bbali yinci nga nnya oba ttaano. Kubanga watandise bubi.

86 Ayi Katonda, tuyambe tutegeere nti ekintu kino kitandise bubi, zino zi kkuluseedi z'enjiri gaggadde ez'ennaku zino, nga bwe baziyita. Katonda teyeebuuziddwaako ku nsonga eno. Bakabona ne bannaddiini be beebuuziddwaako. Ebibiina ebigunje bye byebuuziddwaako. "Kati, *gundi* anaabaayo? Nzikiriza, ssinga bonna tubakuŋŋaanya wamu!" Eby'okubakuŋŋaanya awamu bonna biveeko. Ggwe noonya kumanya Ekigambo kya Katonda kye kikyogerako.

87 Kale tukiraba nti, bwe bakola bwe batyo, bakola ki? Beeyongera bweyongezi mu maaso na nkola yaabwe ey'edda ey'eddiini, etali mu Kigambo kya Katonda n'ekyo Katonda ky'ayagala kikolebwe. Ekyo ekintu kyafa dda, emyaka mingi egiyise, ebintu ebikadde ebyakalaakala edda.

88 Kyali kyakala dda mu biro bya Mukama waffe Yesu. Naye tebaakimanya. Yabagamba nti, "Ssinga Musa mwali mwamutegeera, Nange mwandintegedde, kubanga Musa yagamba nti Nnali wa kujja."

Ne bamugamba nti, "Bajjajjaffe baalya emmaanu mu ddungu."

89 N'abagamba nti, "Bonna baafa!" "Mmwe abazibe b'amaaso," bw'Atyo bwe yabayita, Abafalisaayo, abakulembeze b'eddiini. "Bwe mutalikkiriza nti Nze Wuuyo, mulifiira mu bibi byammwe." Wabula tebaakikola. Baali tebakyakyuka kuva mu nkola zaabwe. Baali bateekwa kukikola nga bo bwe baagala.

90 Bw'atyo ne Dawudi bwe yakikola. Yakikola nga bw'alaba, yababuuza nti, "Naye mumanyi kye ŋŋenda okukola? Tusimbule." Yalina okubikkulirwa. "Tusimbula kaakano, era tugenda kukikola mu ngeri mpya. Ennaku z'ebyamagero zaakoma, kale tugenda kwekolerayo ekibiina ekirala ekigunje. Tugenda kuzimbayo ekigaali ekipya, ekiraga nti waliwo ekintu ekipya ekitandiseewo." Nga bwali bunnabbi bwa bulimba ekiyitiridde!

91 Olina kuddayo okikole mu ngeri Katonda gye yalagira kikolebwe. Baagisituliranga ku bibegabega by'Abaleevi, w'ewo waggulu w'omutima. Essanduuko, nga kye Kigambo, si kya kusitulirwa ku kibiina kya ddiini kipya, oba ku ndowooza z'omuntu yenna, wabula kirina kusitulirwa mu mutima. Ekigambo kya Katonda tekiteekwa kukwatibwa na ngalo za bibiina bya madiini; wabula Kirina kutuulanga mu mutima gwa muntu, Katonda mw'ayinza okuyingira ne Yeebikkula. Era ssinga omuntu oyo akibikkula okusinziira ku Kigambo, olwo aba Katonda; bwe kitaba ekyo, taba ye.

Ate, ekirala, kirina kuba Kigambo kya kiseera ekyo! Ddala, Omufalisaayo oba oli awo yabuuza nti, "Ani yatugaana okukola *kino* na *kiri*? Musa ye yatulagira okukola bwe tuti."

"Naye era Musa y'omu y'eyagamba nti . . . "

Ssetaani yagamba nti, "Ndaba, kyawandiikibwa nti, 'Aliragira Bamalayika Be- . . . '"

92 "Naye era kyawandiikibwa," Yesu bwe yamwanukula.

Ebiro, ekiseera! "Ssinga Musa mwamutegeera! Mulina abavunaana, ye Musa. Ssinga Musa mwamutegeera, Nange mwandintegedde," n'Agamba nti, "kubanga Musa yawandiika ku Nze. 'Mukama Katonda wammwe aliyimusa Nnabbi mu makkati gammwe, okuva mu baganda bammwe; Oyo

bamuwuliranga.'" Ssinga baali baategeera Musa, n'Ono bandimutegedde.

93 Kaakati, wuliriza bulungi, kino tokisubwa. Olaba, okusookera ddala, bwe beebuuza ku bakabona, ne beebuuza ku bakungu, ne beebuuza ku bajaasi, ne beebuuza ku kibiina kyonna, ne ku miriraano, okwegatta awamu olw'olukuŋŋaana lwabwe luno gaggadde olwali lubindabinda, tebaakikola mu ngeri ntuufu. Katonda tebaamwebuuzako. Era, mu kukola bwe batyo, tebaddayo mabega kulaba kiseera kye balimu!

94 Ha, ow'oluganda, wuliriza. Biro ki bye tulimu? Mulembe ki? Kaseera ki ke tulimu? Kino si ky'ekiseera ky'ebintu bino bye boogerako. Ekyo ekiseera kyayita. Kati musango gwe gubindabinda. Mugulaba nga gubindabinda. Mujjukira olwazi waggulu ku lusozi? Ssaawa ya musango! Mujjukira okubikkulirwa, manyanga okwolesebwa okwali kukwata ku Mugole? Kakasa nti Omugole akumba nga tasobya bigere. Toganya Omugole okusobya mu bigere.

Labayo, "Ku bibegabega bya bakabona!"

95 Naye Dawudi ne bakabona bonna, abo abaali balowoozebwa nti be bamanyi ekituufu ekisaanidde okukolebwa, naye kiki kye baakola? Bakabona baali basuubirwa okumanya ekituufu. Abawandiisi, abaasomerera eby'eddiini, baali basuubirwa okumanya ekituufu eky'okukola, kubanga Ekigambo kyali kibagaana okukola kye baakola.

96 Ne leero bwe baagala okugamba mbu, "Wa, Yesu Kristo takyali bumu jjo, leero na mirembe gyonna. Okwo kusoma birowoozo. Ebyo *bino*, na *biri* na *biri*." Balemwa okulaba Ekigambo ekyasuubizibwa. "Wa, ebyo byali biro biri ebyayita."

Dawudi yagamba nti, "Ha, naye, musooke mulindeeko. 'Ya kusitulirwa ku bibegabega bya—bya bakabona,' ebyo byali bya mu biseera biri Musa we yaviirayo. Ddala, ffe, mu mulembe gwaffe tugenda kugiteeka ku kigaali ekipya. Ekyo nnakifunyeeko okubikkulirwa."

97 Bakabona ne bagamba nti, "Amiina, Dawudi!" Mulaba, olw'okwagala okusanyusa akakiiko kaabwe akapya akagatta enzikiriza, mbu bonna babeerenga bumu bakole bwe *bati* ne bwe *bati*, ekyo kye kyaviirako bakabona okwesittala. Tebeebuuza ku muntu omutuufu. Tebaakikola mu ngeri ntuufu, ye nsonga lwaki baagwa mu mitawaana. Yee.

98 Nnina obweraliikirivu, olw'ebintu ebingi ebigenda mu maaso ensangi zino . . . Omuyigiriza omu ow'erinnya, omu ku basinga ettutumu mu Bapentekoote, yayimirira mu maaso g'ekibinja kya bannaddiini ekiro kya luli mu Chicago, nze nnalina okubuulira mu lukuŋŋaana olwo eri Abasajja Abasuubuzi, naye ne ndowooza nti mu kiseera ekyo nnandiba mu Afirika, naye ate ne nkomawo nga lutandika nkeera, nga baalonze Omupentekoote ow'erinnya omwogi w'obwongo,

bw'atyo n'ayimirira n'abagamba nga guno omugendo gw'enzikiriza ez'enjawulo okwegatta awamu bwe guli omugendo gwa Katonda, era n'abagamba nti enzikiriza zonna ziri mu kukomawo, mbu era n'ekereziya Katolika egenda kuddayo mu mbeera yaayo mwe yasookera, nga bonna boogera mu nnimi nga obukakafu, n'ebirala eby'enjawulo, kyokka nga tebamanyi nti ogwo mutego gwa ssetaani!

99 Kati waaliwo omusajja, n'okumumanya ssimumanyi, oluusi ogenda n'osiga ensigo, nga tomanya kinaddirira, naye omukulembeze w'ekibiina ky'Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Njiri Enzijuvu, amangu ddala nga omwogezi oli ow'amaanyi yaakatuula wansi, yasituka n'agamba nti, "Ssitera kumala gawakanya babuulizi baffe, naye bw'oyogedde Ow'oluganda Branham bw'atyo si bwe yagamba nti bwe kiriba. Wabula yagamba nti ekyo kye kiritwala abantu mu kabonero k'ensolo."

Omwami oli n'addamu nti, "Naye Ow'oluganda Branham by'ayogerako tabitegeera."

Ono n'amugamba nti, "Ffe tu. . . tukkiriza nti abitegeera." Olaba?

100 Era eyo mu Chicago, bwe baabuuza nti, "Bameka abandyagadde nzije mbabuulire engeri nze gye nkirabamu?" Ne batandika okuwoggana n'okuleekaana.

Olaba, ggwe obeera osiga ensigo; obeera tomanyi kiki kinaddirira. Ggwe genda mu maaso nga osiga Ensigo. Ekiseera kiri bwe kirituuka, ezimu ku zzo zi. . .

101 Kiringa Tomasi, kyenkana ye yasembayo okulaba Mukama waffe. Naye, yali ateekwa kusooka kumulaba, alyoke amukkirize. Mukiraba, nga ate babiraba nga bibaawo. Ha, Tomasi ddala yayingira, naye yakeerewamukko.

102 Kati ne bano bwe baliraba ebintu ebyalagulwa, nga bigamba BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, nga bituukirira, we baligambira nti, "Naffe mutuwe ku Mafuta gammwe." Olaba?

103 Naye kaakati labayo, okuwabizibwa. Ebiseera ebimu abasajja ab'ettutumu bagenda ne basisinkana. N'obawulira nga bagamba nti, "Omukulu *Gundi*, n'omukulu *Gundi*, gundi waffe ow'amaanyi. . . " Ekyo temukikolanga n'akatono.

Mu ffe temuli bakulu. Tulina Omukulu omu yekka, era oyo ye Katonda. Ffe tuli baaluganda, abasajja n'abakazi. Ssifaayo ne bw'oba nga ekkanisa gy'osumba ya bantu bataano bokka, ekyo tekikufuula anyoomebwa; wabula kikufuula waaluganda, olaba, kasita oba nga oli mwesigwa eri Ekigambo kya Katonda. Ssifaayo oba kiki, oba oli otya; ekyo tekikunyoomesa. Katonda talina baana banyoomebwa na ba kitalo. Alina baana kye kyokka. Bonna be bamu.

104 Labayo, Katonda Yennyini yava mu mbiri ezitemagana ez'omu Kitiibwa, n'ajja afuuke omu ku ffe. Kati olwo ani

mukulu? Yatwala . . . Teyakka wano ku nsi kwambala ndabika ya kabona, wabula ey'omuddu. N'anaaza ebbumba lyennyini Ye lye yatonda, ebigere by'abatume Be n'abalala. Kati olwo ani mukulu?

105 Naye, abasajja bano baawubizibwa. Tebaakitegeera. Baalowooza waaliwo ekipya ekyali kigenda okubaawo, nedda, ekintu Katonda kye yali tayogerangako nti kyali kya kubaawo. Bwe batyo ne bakikwata mu ngeri enkyamu.

Kwe kubuguumirira kuno kwonna, bwe ba . . . okwatandika emabega eri, ekiseera kiwanvu emabega ddala, we kyabeererawo nga buli kibiina kya ddiini kirina okubaayo n'Omuntu alina ekirabo eky'okuwonya owaakyo; nga buli kibiina kya ddiini kirina okuba na *kino*, *ekyo*, oba *kiri*. Nga buli kibiina kya ddiini kirina okubaayokko ne ka Dawudi akaakyo. Buli kimu kirina okuba ne *kino*, *ekyo,* oba *kiri*. Mulaba ekyaddirira? Kyavaamu ekintu kye kimu kye kyakola wano. Kintu kye kimu. Kuwubya!

106 Ekigambo ky'ekiseera ekyo, ekiseera kye baalimu, tekyafiibwako.

107 Wekkaanye, "ku bibegabega by'Abaleevi," ye yali enkola entuufu, Katonda gye yali yateekawo ey'okukolamu ebintu bino. "Essanduuko eyo mugisitulirenga ku bibegabega by'Abaleevi." Enkola endala yonna etali eyo yali nkyamu. Kye Yayogera, ky'ekyo kye Yali ategeeza. Katonda tasobola kukyuka. Eyo y'ensonga, lwaki oteekwa kunyweerera ku Kigambo Kye! Nnina Bwiino, yee, Eby'omumirembe Ekisooka 15:15, ekyo bw'oba wandyagadde okukiwandiika. Wekkaanye.

108 Kaakati wekkaanye, mu ekyo, mu kugoberera Katonda. Kaakati njagala kino obeere nga akiwandiika mu birowoozo byo. Okusobola okukwata amateeka ga Katonda, okusobola okubaako ekintu kyonna ky'okolera Katonda mu butuufu bwakyo, okukola—okusobola okuweereza Katonda mu ngeri entuufu, waliwo ebintu bitaano ebiteekwa okukolebwa, okusobola okuweereza Katonda mu ngeri entuufu.

109 Kati Dawudi yali aweereza Katonda. Yali akola buli ky'amanyi nga kisaanidde okukolebwa, okuggyako nti Katonda yamuleka bweru mu bye yali akola. Olaba? Yali akola ekintu ekirungi, ekintu ekirungi ku lw'abantu, era ekirungi ku lw'ekkanisa.

110 Naye ebintu ebitaano bino ebiteekwa okukolebwa, njagala obijjukirenga. Omuntu k'abe nga mwesimbu ekyenkana wa mu ky'akola, nga aweereza Katonda, kino, ebitaano bino biteekwa okubaawo.

Ekisooka, kiteekwa okuba nga kye kiseera mw'Ayagala kikolerwe.

111 Watya ssinga—ssinga Musa yajja, n'agamba nti, "Tuzimbe ekyombo tuseeyeeye ku mugga Kiyira, nga Nuwa bwe yakola"?

Ekyombo kyakola luli mu biro bya Nuuwa, so si mu kiseera kya Musa.

112 Watya ssinga Yesu yajja, n'agamba nti, "Kaakati muleke mbabuulire kye tuba tukola. Leka twambuke waggulu ku lusozi, nga Musa bwe yakola, tufuneyo ku mateeka amapya agalangiriddwa"? Olaba? Huh-uh! Ye kennyini ye yali amateeka ago. Olaba?

113 Oteekwa kukikolera mu kiseera Kye ekituufu. Kiteekwa kuba mu biro Bye. Ekyo mukitegedde kati? Kiteekwa kuba mu kiseera Kye. Kiteekwa kuba mu biro Bye, ekiseera n'ebiro.

114 Era kiteekwa kukolebwa kusinziira ku Kigambo Kye nga bwe kyayogerwa. Bwe kiteekwa okuba. Ssifaayo oba oyogera bulungi kwenkana wa nga *kino* bwe kirina okubeera bwe kiti, oba *ekyo* bwe kirina okubeera, oba *kiri* bwe kirina okubeera. Kiteekwa okuba nga kikoleddwa okusinziira ku Kigambo Kye, okusinziira ku kiseera Kye n'ebiro Bye.

Era kiteekwa okuweebwa, nga kiyita mu muntu oyo gw'aba Alonze okukozesa.

115 Ssifaayo oba waliwo abakungu bameka. Kabaka Dawudi wuuyo, alina ekitiibwa nga buli omu ku banne bonna. Yali kabaka mulamba ow'eggwanga. Wabula Katonda ye yalina engeri gye kirina okukolebwamu, era Yali yabagamba engeri gy'Alikikolamu. Naye bo ne batakikola.

116 Kiteekwa kukolebwa kusinziira ku Kigambo Kye nga bwe kigamba, okusinziira ku kiseera Kye, okusinziira ku ntegeka Ye.

117 Era kiteekwa kukolebwa muntu oyo gw'Aba yeerobozza okukikwasa akikole. Musa yagezaako okukidduka nga agamba nti, "Tuma omulala." Naye Katonda yali yalonda Musa nga ye w'okukikola. Bangi nnyo; Pawulo yagezaako okukidduka; n'abalala bangi. Naye kiteekwa kukolebwa oyo yekka gw'Aba alonze okukikola.

Ate kiteekwa kujja, okusooka, kisooka kujja eri bannabbi Be. Ekigambo kya Katonda kiteekwa kujja eri bannabbi Be. Amosi 3:7, "Mukama Katonda tewali ky'alikola nga tasoose kukibikkulira muddu We nnabbi." Ky'eky'okuna.

118 Ate ne nnabbi ateekwa okukakasibwa Ekigambo kya Katonda.

119 Ebyo by'ebintu ebitaano ebiteekwa okutuukirizibwa. Kiteekwa kuba bwe kityo. Mu kiseera Kye, mu biro Bye, mu kiseera kye Yagamba nti we kiribeererawo; era nga kikolebwa omuntu Ye gwe yeeroboza okukikola; era kiteekwa kusooka kujja eri nnabbi; ate nga ne nnabbi oyo ateekwa okuba nga ye nnabbi akakasiddwa. Tukiraba nti, waaliwo bangi ku bo mu Bayibuli, nga kyajjanga eri bannabbi wabula nga tebakakasiddwa. Nnabbi waffe ye Yesu Kristo.

120 Kale kati mwekkaanye, mulabeeyo, ekintu kino Katonda yali takibabikkulidde nga ayita mu nkola gye Yateekawo ey'okukikolamu. Baali bakkirizza nkola ya Dawudi. Baali bakkirizza nkola ya bakabona. Baali bakkirizza nkola ya bawandiisi, n'ey'abaasomerera eby'eddiini, wabula nga enkola ya Katonda tebagikkirizza. Nassanayiri, yali, ye yali nnabbi w'ekiseera ekyo. Era oluvannyuma, Nassanayiri yababuulira engeri entuufu ey'okukikolamu. Naye, olaba, baakikola tebeebuuzizza ku Nassanayiri. Tewali kigambo wadde ekimu bwe kiti ekigamba nti Nassanayiri baamwebuuzaako. Okutwalirizibwa okwenkanidde awo, ekintu eky'amaanyi ekyali kigenda mu maaso! Era, bannange, bwe ndowooza ku luyimba luli olugamba nti, "Leka, kuuma . . . "

> Nnyamba, ayi Mukama, nga emitima gizze buggya,
> Nsobozesa okwewombeeka (nsobole okwegatta ku balala), nange nkowoole Erinnya Lyo;
> Njigiriza obuteesigama ku balala bye bakola,
> Wabula mu kusaba nnindirire okufuna okwanukulwa okuva gy'Oli.

Olaba, bwe kityo bwe kirina okukolebwa. Leka nkirabe nga kikolebwa mu ngeri entuufu, olwo kinakkirizibwa.

121 Kati, ekintu kino Katonda yakibabikkulira kuyita mu Dawudi, na kuyita mu baweereza, na kuyita mu bantu, na kuyita mu baduumizi b'enkumi, ne mu baduumizi b'ebikumi, wabula teyakibabikulirako kuyita mu Nassanayiri eyalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Ate nga Mukama yagamba nti tewali ky'Alikola nga tasoose kukiraga nnabbi w'omulembe, okusooka, n'amulaga eky'okukola. Mulaba kye baakola? Baakolera ddala ekiri ebweru w'Ekigambo kya Katonda, essanduuko ne bagenda ne bagiteeka ku kigaali ekipya. Mukiraba? Bwe batyo ne bagenda bakikolera wabweru w'ekiragiro kya Katonda era wabweru w'enkola ya Katonda gye yateekawo.

Era ekyo kyennyini kye kigenda mu maaso leero, ab'emikwano. Eyo y'ensonga lwaki tubadde ne zi kkuluseedi gaggadde nnyingi nnyo, n'ebirala ebitali bimu, kyokka ne bitavaamu bibala n'akamu. Obutakkiriza bwe bweyongera, okwonoona kwe kweyongera, n'ebisingawo . . . Mbabuulira, eggwanga lino lizikiridde; si ggwanga lino lyokka, naye n'amawanga amalala. Eggwanga lino, okufaananako ne Bungereza ey'omulembe omulala, lye linywedde akendo mu bwamalaaya mu mawanga amalala gonna.

122 Munda ddala eri mu ggwanga lya Mozambique, mayiro ebikumi bina mu kinaana munda eyo okuva awali abantu abagunjufu, eyo mu mabira, abavubuka abakyakaze bawuliriza ennyimba za Elvis Presley, nga bwe bagenda basuukunda

emitwe n'okubuukabuuka batyo, ne bakeesa obudde, ne basigala . . . Manyanga, ne batambula mu bubinja obutonotono olugendo nga lwa mmayiro lukumi, okutuuka eri mu Rhodesia, okufuna ennyimba za Elvis Presley. Naye oyo gwe bagamba mbu, "Wa mwoyo nnyo, mbu ye ne Pat Boone, n'abalala." Nga ate, abo be ba Yuda b'ekiseera kino, naye tebakimanyi bumanya. Ekyo ky'eky'ennaku, kubanga balowooza nti ba—batuufu.

Yesu teyagamba Omulembe guno ogw'Ekkanisa ya Lawodikiya nti, "Oli bwereere, omunaku, asaasirwa, omuzibe w'amaaso, kyokka nga tokimanyi"? Tebakimanyi!

123 Bambi, abaana Abapentekoote eri mu Afirika ne mu bitundu ebirala, bagamba nti, "Nkubuulira, Elvis Presley, y'asinga okuyimba mu bonna be wali owulidde." Kiteekwa okuba nga ne Dawudi kye yakola, naye; n'abayimbi kye baakola kyennyini, naye kyaleeta kufa mu lusiisira. Mulaba we bali, mulaba we tuli leero, ab'emikwano?

124 "Ebibegabega by'Abaleevi," ye yali engeri ya Katonda entuufu ey'okukikolamu. Kyokka bo baali bagitadde ku kigaali kipya. Kati, tekisobola kukola. Tebeebuuza kumanya ngeri ntuufu ya kukikolamu. Mukiraba? Bwe batyo baafuluma bufulumi, ne bakikola nga bwe balaba, ne bakikola mu ngeri enkyamu.

125 Era kye kimu ekibaddewo leero. Abantu, ka babe beesimbu okwenkana wa, bwe bagezaako okumuweereza nga bakikolera wabweru w'enkola Ye gy'akibikkulamu, bulijjo bakyonoona bwonoonyi. Katonda akiteekawo mu ngeri Ye. Omuntu, ka obeere mwesimbu okwenkana wa, bw'ogezaako okukikolera ebweru w'engeri gy'ayagala kikolebwe, ojja—ojja kukyonoona bwonoonyi.

126 Kiringa Balamu bwe yali, mu biro bya Balamu. Katonda yagamba Balamu, nnabbi oli. Yali nnabbi, nnabbi Balamu. Yali nnabbi, era Ekigambo ddala kyajja gy'ali, nga kigamba nti, "Toserengeta emmanga eri. Bali balonde Bange. Abo Nze nnabalonda."

Naye Balaamu ne yeegatta n'abakungu, abajaasi, ababuulizi, abasajja ab'ettutumu, ne bamugamba nti, "Leka, nku—nkubuulire, kabaka ajja ku . . . "

Olaba, ekyo kigeraageranye ne Dawudi kye yakola, era okigeraageranye n'ekiriwo leero. Buli kimu kirabire mu bifaananyi by'okugeraageranya, ojja kukiraba. Mukiraba? Muddemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mukiraba, mulaba, era nga bwe kiri kati.

127 Naye bannaddiini baagamba, ba—ba—bakabona baagamba, abawandiisi baagamba, abaasomerera eby'eddiini bonna baagamba nti, "Kiteekwa kukolebwa bwe *kiti*." Wabula, si bwe kyali, era kyakakasibwa nti si bwe kyali.

128 Kati ne Katonda yagamba Balamu, ate nga yali nnabbi, okusooka kwa byonna, Yamugamba nti, "Toserengetayo."

129 Naye okuwabya kw'abasajja bano abalala kwamuleetera okukola ekikontana n'ekyo Katonda kye yali amugambye okukola, era ekyali kirina okuvaamu okudda obuggya ne kifuuka ekikolimo. Ha, ddala ddala, yaserengetayo n'atandika okuyigiriza abantu bali, nga bw'abagamba nti, "Kati mulindeeko! Mubadde mukimanyi?" N'abagamba nti, "Tuli—tuli Bamowaabu. Mujjukire nti, muwala wa Lutti ye yali kabaka waffe omukazi. Mu ye mwe twasibuka. Ffenna tuli ba musaayi gumu. Ffenna . . . Ffenna eddiini zaffe zirina enkolagana." Temugeza ne mwegatta n'ekintu ekyo. Mukyewale. Mukiraba? Kati n'abagamba nti, "Ffenna tuli kye kimu. Kubanga, abantu bo balinga abantu bange. Tusobola n'okufumbiriganwa, ab'enzikiriza emu n'endala, ne tuba n'akakiiko akatugatta mu nzikiriza. Olaba? Tusobola okwegatta ffenna ne tuddayo ku kiri ekyasooka."

Ekintu ekyo Katonda yakikolimira. Era ekibi ekyo Isiraeli tekyabasonyiyibwa. Kyabasigalako ennaku z'obulamu bwabwe zonna. Tekyabasonyiyibwa. Baazikirira nakyo mu ddungu. Ky'ekyo. Kubanga tebaatwala ngeri ya Katonda gye yateekawo okuyita mu nkola gye Yakakasa mwe kirina okuyita okukolebwa.

130 Mwekkaanye, ekintu kino kye baakola kyaleetera Isiraeri okufiira ddala, mu ddungu. Era Yesu yagamba nti, "Bonna baazikirira ne baggwaawo." Mwetegereze b'ani abaayimirira ne Musa mu kiseera ekyo, Yoswa ne Kalebu, mu—mu ntegeka eyo.

131 Kati mulabeeyo nate, Dawudi ono, ne kye yakola. Era bwe yakikola, kyavaamu ki? Kyaleetera omuntu omwesimbu okufa obwemage.

Kati, ka nsuubire nti tukyali ku mpewo, kubanga mwenna abali eyo mu bitundu eby'enjawulo njagala muwulire.

Ekintu kino Dawudi kye yakola, nga tasoose kwebuuza ku Nassanayiri kusobola kumanya Kigambo kya Mukama bwe kigamba ku nsonga eyo, kyaleetera abantu abeesimbu okufa obwemage. Yee, ssebo. Omusajja eyagolola omukono gwe n'agikwatako, ennyumba essanduuku mwe yali naye mwe yali abeera; era yafulumizibwa kuva mu—mu nnyumba mwe yali abeera. Era ente ennume bwe yeesittala, essanduuko yali egenda kugwa.

132 Baali baakoze dda ensobi emu, ensobi zaali bbiri ze baali baakakola. Esooka, tebeebuuza ku Nassanayiri. Ey'okubiri gye baakola, baagendayo nga tebeebuuzizza kumanya Kigambo kya Katonda bwe kigamba. Nga, ekyo . . . Samwiri ye yali Ekigambo mu biro ebyo . . . Kyokka teyeebuuza ku Kigambo kya Mukama. Era, bwe baakola batyo, baamenya Ekigambo kya Katonda.

Kati bambi musajja wattu ono omulungi, eyali amaze ebbanga nga agikuuma, yali mulabirizi, muli n'alowooza nti, "Nedda, wano, ssandyagadde kuyiwa Katonda," kye yava akwata omukono gwe ku ssanduuko. Ate, nga teyali Muleevi, era bw'atyo n'afa. Ebintu bisatu!

133 Kaakati lowooza nnyo, olabe ebibiina by'amadiini kye bikoze ensangi zino. Olaba, biziimudde Ekigambo, bikiyise "njigiriza ya bulimba." Olaba? Laba we bituuse. Bajja kwegatta mu kakiiko kaabwe akagatta amakanisa, kale. Bakiyise "kusoma birowoozo," nga ate Katonda yennyini Akikakasizza okuba nti ge Mazima, era n'Akinyweza nti ge Mazima. "Ha, waliwo akabiina k'abawuttufu engulu eyo," bwe batyo bwe boogera, "ne bye boogerako tebabitegeera."

Kituufu, tetubitegeera. Wabula twogera bwogezi Bigambo Bye, naye ye y'Amanyi ky'Ayogerako, ndowooza olaba. Nze Ekyo ssisobola kukinnyonnyola, era tewali mulala yenna asobola kukinnyonnyola, wabula Ye—Ye—y'akikakasa.

134 Kaakati wekkaanye. Waliwo abakkiriza bangi leero abeesimbu, abajja eri Kristo, nga baagala okujja n'emitima gyabwe gyonna, kyokka ne battibwa mu mwoyo mu ngeri y'emu. Waliwo abantu bangi abeesimbu abagenda mu ekereziya Katolika nga baagala kubeera Bakristaayo, abalala bagenda mu Bamesodisiti, abalala mu Babaputisiti, abalala mu ddiini y'ekkanisa ya Kristo, ne mu Bapentekoote, olaba, nga baagala kufuuka Bakristaayo, ne bassaako emikono gyabwe, ne babeegattako.

135 Naye Dawudi bwe yalaba kino nga kiguddewo, kyamuzuukusa. Tozuukuka nga buli kikeerezi nnyo eyo gy'oli, ow'oluganda. Yagenda okulaba nga waguddewo okufa.

Mundage ebivuddemu. Kino kye bayita mbu kudda buggya, kukomyawo bantu mu makanisa, kukoledde ki eggwanga, era o—omubiri gw'abakkiriza gukifunyeemu ki? Tewali kalungi ke kukoze okuggyako okutandikawo ebibiina ebipya n'amadiini, buli gye kituuka yonna, bammemba be beeyongedde obungi n'ebirala. Naye eggwanga lyeyongedde okulongooka? Baagamba mbu baali bagenda ku . . .

136 "Amerika. Katonda awe Amerika omukisa. Ggwa—ggwanga, nsi Nkulistaayo."

Eri mmayiro kakadde kalamba okuva ku kubeera ensi Enkristaayo. Ssigisabira na kugisabira. Nnyinza ntya okugisabira, nga bagaanye n'okwenenya oluvannyuma lw'okulaba amaanyi ga Katonda ag'ekitalo agalabisiddwanga mu maaso gaabwe; naye ne bagagaana, n'Ekyo ne bakiggalira enzigi, ne bakiziimuula? Ngiwaayo eri Katonda. Ate yeeyongera kumweyawulako. Era kati ekiddako egenda kubbira mu nnyanja. Mmwe mutunule mulabe ekinaddirira.

137 Abantu bangi abeesimbu bagenda ne beegatta ku kibiina, oba ekibinja, oba akabondo k'enzikiriza enkyamu ak'engeri emu, bambi ne bafa, mu by'omwoyo. Obeera tolina ky'oyinza kubagamba. Babapakiramu ebintu ebyo nga babagamba mbu, "Naye, abalabirizi bano baagamba bwe bati. N'*ono* yagamba bw'ati, *n'ono* yagamba bw'ati." Obalaga wano wennyini mu Kigambo kya Katonda awali BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. "Naye ffe omusumba owaffe ya . . . "

Ssifaayo musumba wammwe kiki ky'agamba, era tofaayo ku byange bye ŋŋamba, oba omulala yenna by'agamba. Bwe biba nga bikontana n'Ekigambo kya Katonda ekikakasiddwa, n'ekiseera kino, n'obudde buno, n'Obubaka, n'ebirala, byerabire. Byewale. Ate ndiyimirira mu maaso ga buli omu ku mmwe ku Lunaku olw'Omusango, era ekyo mukimanyi. N'ekyo ssandikyogedde, nga bwe mmanyi nti kati nkaddiye. Nja . . . Si lwa kubanga waliwo kye mmanyi, wabula y'Amanyi. Ngoberera bugoberezi kye Yayogera.

138 Tunuulira zi kkuluseedi gaggadde ezibadde zikubibwa okwetooloola eggwanga lyonna. Kikakasiddwa nti zibadde za bwereere. Ye Yesu teyayogera wano, mu Lukka 7:7 nti, "Bansinziza bwereere"? Dawudi essanduuko yajikomezaawo bwereere. Akabu bannabbi yabatendekera bwereere. Balaamu ssente ezo yatwala za bwereere. "Nga bayigiriza amateeka g'abantu nga ge bafuula Enjigiriza." Amateeka ga Katonda ge makulu, k'obe mwonoonyi ekyenkana- . . .

139 "Kale abantu abo beesimbu nnyo." Ebyo mubiwulira nnyo nga bagamba nti, "Beesimbu nnyo." Ekyo temuli makulu gonna. Abajulirwa ba Yakuwa, Abaseveniside Abaadiventi, n'obubondo bw'enzikiriza ezo zonna enkyamu, bagenda ku nguudo ne bakola ebintu ebirema n'abamu ku ffe okukola. Abakatuliki bayimirira mu masaŋŋanzira g'enguudo ne basolooza ssente, n'ebirala, era okuyita mu bintu bwe batyo, balina obuwumbi n'obuwumbi n'obuwumbi bwa ddoola, kyokka ate nga bakyaazisolooza. Ddala beesimbu, tewali kubuusabuusa. Amakanisa gagenda ne—ne gabuulira, n'ebirala, n'abaweereza ne bayimirira mu bituuti ne bakola kyonna kye basobola okusobola okuleetayo bammemba abapya mu kkanisa yaabwe; naye nga si kirala wabula ssanduuko mpya.

Waliwo Essanduuko emu yokka ey'okugobererwa, nga eyo, kye Kigambo kya Katonda. Ekirala kyonna ekikontana n'Essanduuko eyo, kyewale! Kiri ku kigaali kipya, so si ku bibegabega bya Katonda. Ky'ekyo. Tokisemberera. Tokyeriraanya.

140 Kkuluseedi zaffe ennene, zibaddengamu obuwumbi n'obukadde abaatudde obulokozi. Naye ssirowooza nti mu abo bonna, mulirokokamu n'abawera ekikumi. Olaba, tezibaddeemu kantu.

Kati nno mutunuulire kisuubizo kya Kigambo.

141 Mujja kulowooza nti ebyo biremereddwa, era tumanyi nti biremereddwa. Abamu ku—ku babuulizi baffe mu ggwanga ababuulira okudda obuggya bagamba nti ddala biremereddwa. N'ekkanisa ekimanyi nti eremereddwa. Buli omu akimanyi nti biremereddwa. Naye, lwaki? Lwaki biremereddwa?

Bikoleddwa lwa kigendererwa kirungi. Bikoleddwa kwagala kusembeza bantu mu Maaso ga Katonda, mu kkuluseedi ezo ennene. Era obukadde n'obukadde bw'abantu bawaddengayo ensimbi zaabwe, okuwagira zi kkuluseedi ezo ennene. Amakanisa gonna ne gakwatagana wamu, mu bisaawe ebinene, era ebintu eby'amaanyi, ebintu eby'ekitalo ne bibaawo. Naye lwaki biremereddwa? Lwa kuba tebaamanya kiseera kye balimu.

Yesu kye yava ayimirira, n'Akaaba mu mutima Gwe. N'akulukusa amaziga, n'Agamba nti, "Yerusalemi, O Yerusaalemi, emirundi emeka gye Nnayagala okkukuŋŋaanya nga enkoko bw'ekuŋŋaanya obwana bwayo (bannabbi bonna be Nnabatumira mwabakuba amayinja), naye ne mutayagala! Naye kaakano ekiseera kyammwe kituuse."

142 Temuwulira Omwoyo Omutukuvu nga abakaabirira? "Ayi, ggwe Amerika n'ensi yonna, emirundi emeka gye Njagadde okubakkuŋŋaanya, naye ne mugaana. Kaakano ekiseera kyammwe kituuse. Kaakano katonda wammwe ow'amasanyu, katonda wammwe ow'obugwagwa, katonda wammwe owa Sodomu ne Ggomola, abajjidde." N'abaana baffe abato ennyo, bakomola enviiri zaabwe mu maaso mu ngeri y'emisono, era bafuuse obugwagwa obuto obukula obukuzi. Abakazi baffe boonoonese. Tebakyazzika. Abasajja baffe beeyisa kikazi, bonna batambula bambadde obuwale, obumpi, bagenda beeyisa nga bawala, bakuza enviiri zibakoma eno wansi ku nsingo. Era tufuuse Basodoma, era omuliro n'obusungu bwa Katonda bitulindiridde.

143 Mumanyi engeri gy'Agenda okutta, engeri gy'Agenda okugizikiriza? Nga bulijjo bw'Akola. Malaaya bwe yakolanga ekikyamu kyonna, yakubibwanga amayinja okutuusa bwe yafanga; baalondanga amayinja ne bagakasukira omukazi eyakwatibwanga nga malaaya ne bamutta. Bw'Atyo bw'ajja okutta ekkanisa. Bayibuli egamba nti Alitonnyesa omuzira okuva mu ggulu, nga guzitowa kkiro bibiri buli kitole, Agubakubise. Ani alimuziyiza? Ssaayansi ki ayinza okugamba nti tekisobola kubaawo? Ajja kukikola.

Mu ngeri y'emu nga gye Yasobozesa eryato okuseeyeeya awatali kabi konna kutuuka ku Nuuwa, Ajja kuddamu akikolere Ekkanisa Ye.

Era okusinziira ku mateeka Ge Ye n'engeri Ye ku Bubwe, Ajja kukuba amayinja omukazi omwenzi oyo ayenze ne bakabaka n'abagabe b'ebikumi n'ab'enkumi. Ajja kumuttisa

mayinja, nga akozesa amateeka Ge ge yateekawo. Ani agenda okumugamba nti Tasobola kukola muzira gwa mayinja?

144 Ggwe ojje obuuze ku muntu yenna amanyi ku ngeri ettondo ly'enkuba gye litandikamu. Ne likola enkulungo, ne liddayo ne liyita mu ntabiro y'amaanyi mu bbanga; ne lyeyongera ne lyeyongera ne lyeyongera, okutuusa lwe liweza obuzito obumala, olwo ne liryoka litonnya wansi.

Ye, Katonda, Oyo . . . amaanyi g'ekimiimansi tegaasobola na kumusibira ku nsi, era Yeesitula n'alinnya mu Ggulu. Katonda, Oyo eyakola amaanyi g'ekimiimansi, n'entabiiro y'amaanyi ago ag'omu bbanga nago asobola okugongera emisinde ne gasitula ejjinja ne galivuga n'amaanyi amangi ne lituuka okuzitowa kkiro amakumi ataano. Yagamba nti Alikikola, era Ajja kukikola. Ani agenda okumugaana okukikola? Ajja kukikola, kubanga Yagamba ajja kukikola.

145 Tuli mu nnaku za luvannyuma. Tusemberedde omusango. Lwaki? Bagezaako kulya mmaanu envundu eyatonnya edda emyaka ataano malamba, ab'ekkanisa y'Abapentekoote. N'ekkanisa y'aba Holiness nayo ky'egezaako okukola, kulya mmaanu eyatonnya emyaka bikumi bibiri n'omusobyo egiyise. Abaluzalaani, bali ku mmaanu eyatonnya emyaka nga bisatu, oba n'okusingawo, egyakayita, myaka bikumi na bikumi. Bagezaako kulya mmaanu nvundu. Ha, ow'oluganda, ebyo ebintu byalegama. Byagaga. Bijja ku . . . Birimu—birimu . . . Bulijjo, ntera okugamba nti, birimu obukulwe, envunyu. Bijja kukutta, bw'obirya.

146 Ggwe nnoonyereza olabe oba nga Dawudi oba abalala bonna kuliko eyasooka okwebuuza ku Mugaati gw'ekiseera ekyo.

Ssinga bakabona, ne bannabbi, n'ababuulizi, n'abaasomerera eby'eddiini, n'amasomero, n'ebibiina by'amadiini, baasooka kwekkeneenya kiseera kyabwe kye baalimu! Naye kati tekikyabagasa n'akatono. Ekyo ekiseera kyaggwaako. Tekikyayinza kubayamba wadde akatono. Kati yagenya. Omusittale ogwo yagubuuka kati kumpi myaka etaano egiyise, oguli wakati w'okwenenya, omusango n'okusaasirwa.

147 Wekkaanye, kati kiki ekiddako? Kiki ekiyinza okukolebwa? Kiki ekirina okukolebwa? Leka twebuuze ku nnabbi, ye Bayibuli, gye tutayinza kutoolako wadde okugyongerako. Bwe katutanda ne tukikola, Katonda atuggyamu mu Kitabo ky'Obulamu.

Bayibuli eyogera, mu Malaki 4, ebiribaawo mu kiseera kino. Okubikkulirwa 10, engeri Obubonero Omusanvu gye bulibembulwa ne bubikkula ebyama bino byonna ebyali bikwekeddwa okuyita mu baddaabuluzi bano! Yayogera engeri gye kirikolebwa. Kiri mu Bayibuli, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Katonda ekyo akikakasirizza ddala, mu bujjuvu; era n'Akinyweeza okuba nga ge Mazima, okuyita mu bubonero,

ebyewuunyo mu bwengula, mu bbanga, na buli kimu, okumala emyaka asatu mu esatu.

Naye olowooza banaakiwuliriza Ekyo? Nedda. Bafu. Emikono gyabwe baagiteeka ku kintu ekyatta buli kimu kyonna. Nedda, tekijja; tekijja, n'akatono.

148 Kyali mu kaseera ako ekintu kino we kyagwirawo, Dawudi lwe yalaba. Ayi Katonda, tutumireyo Dawudi asobola okulaba wa w'ayimiridde, asobola okulengera n'alaba nti Katonda yawa ekisuubizo, n'awa n'engeri gy'Agenda okukikolamu mu kiseera kino. Katonda yakyogera wano wennyini mu Kigambo Kye, nga bw'Alikikola.

149 Katonda yagamba Mikaaya. Mikaaya n'ageraageranya okwolesebwa kwe mu maaso ga bannabbi ebikumi bina ab'ebitiibwa. Yeekebejja okwolesebwa kwe alabe oba nga kutuufu. Yatunuulira ebyo nnabbi eyali yamusookawo bye yali yayogera, alabe ebyaliwo. Yatunula emabega, n'alaba Eriya oli nga ayimiridde wali, agamba nti, "Akabu, naawe, embwa zirikomberera omusaayi gwo." Kati awo, n'akiraba nti okwolesebwa okwo kukwataganira ddala n'Ekigambo kya Katonda, bw'atyo n'akulangirira. Era yali mutuufu. Ky'ekyo. Bali abasigadde bonna ne bwe baayogera ki, yasigala anyweeredde ku Kigambo ekyo.

150 Kaakati leka tulabe okwolesebwa kwe tulina okw'ekiseera kino. Kwa kuzimba makanisa; kwa bintu bipya; kwa bintu ebikulu ebigenda okubaawo? Oba, kwa musango? Tunula emabega olabe ekisuubizo ky'ekiseera kino, olabe biro ki bye tulimu.

151 Oyinza okuŋŋamba nti, "Bannange, Katonda aweebwe omukisa, ow'oluganda, nze ndi mwesimbu. Nneegatta ku kkanisa. Nnafuna ddiguli yange esooka. Nnakola *kino*." Ebyo birungi, si bibi, era sibiwakanya; ne Dawudi yabirina, ne bakabona b'ebiseera ebyo baabirina, n'abaasomerera eby'eddiini baabirina. Naye byali bikontana n'Ekigambo.

152 Katonda yayogera bw'Alibikola leero, nga bw'Alizzaawo ebintu byonna, nti Aliddamu okukikola. Yasuubiza okuzzaawo. Ky'ekyo kyennyini. Mu Yoweeri 2:28, Yasuubiza nti Alizzaawo. "Ndizzaawo," bw'ayogera Mukama, "emyaka gyonna akaacaaka gye kaalya." Balina e-. . . Labayo, ako ke kawuka ke kamu; naye nga kali mu mutendera mulala ogw'obulamu. Kati Obukatuliki bwe bwatandika okulya, ne kuddako Obuluuzalani, ne kuddako Obumesodisiti, ne kuddako Obupentekoote, n'ebirala, byonna; n'Agamba nti, "Ndizzaawo buli kimu okuddirayo ddala ku Kkanisa eri eyaliwo okusooka."

153 Wekkaanye okwolesebwa kwe twayogerako ekiro kya luli. Omugole y'omu yennyini eyalabika ku ludda *luno*, ye y'ajja ne ku ludda *luno*. Nga bamalaaya bamaze okuyitawo nga

bambadde obugoye bwabwe, obukete bwabwe *bati*, nga bwe bazina amazina ga rock-and-roll, nga beeyita Kkanisa.

Muyinza okuŋŋamba nti, "Naye, ffe ebyo tetubikola."

Katonda ye bw'atyo bw'abalaba. Endaba gye mwerabamu si kye kikulu. Ekikulu Katonda ye abalaba atya. Tewali muntu yeeraba nti mukyamu. Naye bw'otunula mu ndabirwamu y'Ekigambo kya Katonda, Kikubuulira oba oli mukyamu oba toli. Ekyo ssinga Dawudi yakikola, yandirabye ensobi ye. Akabu ssinga yakikola, oba bannabbi bali ssinga baakikola bandyerabye nti bakyamu.

154 Nnabbi eyakakasibwa yagamba nti, "Akabu alifa, n'embwa zirikomba omusaayi gwe." Era obunnabbi bwe bwali bukwataganira ddala n'Ekyo. Bw'atyo n'amanya nti mutuufu. Ne Yekosaffaati yandikirabye era n'akitegeera. Mikaaya bwe yalaba okwolesebwa, teyali muganzi nnyo eri bantu mu biro ebyo, wabula yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Yali mutuufu.

155 Mwetegereze, kaakati tuleeta ekintu kino mu mulembe guno, we tulaba akaseera akakulu ke twolekedde.

Mwekkanye, ne Dawudi kye yali agezaako okukola. Waliwo bye nnakiwandiiseeko wano. Essanduuko yali agezaako kugireeta mu kibuga kya Dawudi, ekibiina kye eky'eddiini.

156 Mujjukire mu kiseera kiri Mukama bwe yayogera omulundi ogwasooka emmanga wano ku mugga n'agamba nti, "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okukulembera okujja okwasooka . . . "

Ow'oluganda, aba Assemblies ekyo baali tebasobola kukigumira, wadde aba United, n'abalala bonna. Baali bateekwa okukikoppa babeeko n'owaabwe awantu awamu. Ah, bonna balina okukikola, olaba, mu ngeri yennyini ddala nga kiri. Byonna byali byagala bikyefuge.

157 Yayagala agireete mu kibuga kya Dawudi. Lwaki? Kubanga tewaaliwo kifo kitegekeddwa kya kugiteekamu.

Era eyo y'ensonga lwaki tosobola kuddira Bubaka n'obuleeta mu kibiina kya ddiini. Ekigambo, Essanduuko, Kristo, "oyo aba obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna," n'ebimwoleka byonna, tosobola kukireeta mu kibiina kyo kigunje. Tebalikikkiriza, kubanga tekitegekeddwaayo kifo we Kiyinza kubeera. Bayibuli tegamba nti Yali bweru wa kkanisa mu Mulembe gwa Lawodikiya, nga agezaako okuyingira?

Tewaaliwo kifo mu kibuga kya Dawudi, newankubadde nga kyali kya maanyi okwenkana wa, oba nga kya kitiibwa okwenkana wa, ne—n'ebirala bye kyali. Era si kye kyali ekifo. Yalina kuba Yerusaalemi. Era eyo gye yatwalibwa oluvannyuma, nga nnabbi amaze okubagamba eky'okugikolera.

Olaba? N'olw'ekyo Dawudi yalina kugitwala mu kibuga kye. Tewaaliwo kifo kigitegekeddwa mwa kugiteeka.

158 Kristo ye Ssanduuko yaffe, naye tebasobola kugisembeza. Kristo kye Kigambo; tebasobola kukisembeza. Baagala biyiiye byabwe, bibiina byabwe eby'amadiini, essanduuko empya, manyanga ki—kigaali kipya. Baagala eddiini y'eba egy'etikka; essanduuko empya. Huh!

Mujjukire nti, Kristo ye Ssanduuko yaffe! Mukkiriza nga Kristo ye Kigambo? Kati awo, kitegeeza eyo ye Ssanduuko. Si ky'ekyo? Kale. Kristo tasobola kutwalibwa, mu kifo Kye ekituufu, nga asituliddwa ku kigaali kya ddiini n'emu. Akolagana na muntu kinnoomu, so si na kibinja. Takolaganangako na kibinja; wabula muntu kinnoomu. Kuba, Yagamba nti Talikikola. Bw'Akikola, aba Akontanyizza Ekigambo Kye, Amos 3:7. Tosobola kukirimbisa. Nedda, ssebo. Kyo ge Mazima.

159 Naye, olaba, bagezaako. Essanduuko tesobola kwetikkibwa kibiina. Kirimu emitwe miyitirivu obungi. Olaba? Tekisobola kukolebwa. Yasuubiza nti tayinza kukikola, era tajja kukikola. Yagamba . . . Yasuubiza—Yasuubizaako okukikola mu ngeri endala yonna? Ye nsonga lwaki Yasuubiza nti tayinza kukikola.

Muleme kulowooza mutyo. Nkiwulira. Mukiraba?

160 N'olwekyo Ya—Yasuubiza nti waliwo engeri gy'Alikikolamu, era engeri endala yonna ekontana n'eyo taligikoleramu. Olaba? Wabula okuyita mu ngeri Ye eyasooka, okusinziira ku kye yayogera mu Amos 3:7, eyo y'engeri gy'Anakikolamu. Era eyo eteekwa okukakasibwa era n'enywezebwa okusobola okuba entuufu.

Kati, mumanyi bye Yasuubiza eri ekiseera kino, era ebyo by'Ali mu kukola leero. Ky'ekyo kyennyini kye Yagamba nti ky'Alikola. Wa kubikkula Obubonero obwo Omusanvu, ne byonna by'Alikola; abikkule ebyama ebyo, okulaga engeri okubatiza n'ebirala bwe byali byatabulwatabulwa emabega eri. Era kiikino kigenda mu maaso, mu Kubeerawo Kwe mwennyini. Ssaayansi akikakasa. Eggulu likikakasizza. Abantu ne bayimirira, ne bakitunuulira, ne bakiraba nga kibaawo. Tewali n'ekimu ky'Ayogedde n'Atakituukiriza. Biibyo. Kibaddewo musobole okulaba wa we tuli leero.

161 Omuntu yenna alina Omwoyo We, ekyo akimanyi; oyo aliko Omwoyo wa Katonda ku ye, amanyi nga Gano ge Mazima, kubanga Omwoyo wa Katonda tasobola kwogera bikontana na Kigambo. Nedda, nedda. Ajja kuba akwatagana n'Ekigambo.

Oyinza okugamba nti, "Nnafuna Omwoyo Omutukuvu. Nnaleekaana; nnayogera mu nnimi. Nnazinira mu Mwoyo." Ekyo eri Katonda tekirina makulu gonna. Olaba?

Dawudi naye yakola ekintu kye kimu, ekintu kye kimu kyennyininnyini, mu kiseera kiri. Baayimba n'amaanyi gaabwe gonna, era yaleekaana n'amaanyi ge gonna. Bonna bonna baabikola ebyo, kyokka nga batambula boolekera kufa. Ky'ekyo. Ekyo tekikirinaako kakwate konna.

162 Ekigambo kye kikulu, Ekigambo kya Mukama. "Abo abalindirira Mukama." Yee, ssebo. Olaba, abo abalina Omwoyo wa Katonda mu bo, batunuulira ekisuubizo ky'ekiseera kino, ne bekkaanya ne balindirira okutuusa lwe bakiraba Ekyo. Awo ne balyoka bagamba nti, "Ky'Ekyo." Katonda akibabikkulira.

163 Nga Nassanayiri. Firipo yagenda n'asanga Nassanayiri. Nassanayiri n'agamba nti, "Sooka olindeko. Mmanyi nga kyasuubizibwa, naye njagala nkirabe." Era bwe yakiraba, n'agamba nti, "Ky'Ekyo."

Omukazi yagamba nti, "Kaakati, mmanyi, mpulidde ku bayivu ab'eby'eddiini aba buli ngeri. Nkoze *kino* na *kiri*. Ne Bayibuli ngisomye, nze kennyini, era mmanyi nti tu . . . Waliwo Masiya agenda okujja, ow'okukola ebintu bino, oteekwa okuba nga Ggwe nnabbi We."

N'amuddamu nti, "Nze Ye."

164 Omukazi n'agamba nti, "Mujje, mulabe Omusajja, ye Ye." Yalinda okutuusa lwe yalaba Masiya oyo nga alabisiddwa okusinziira ku ngeri Ekigambo kya Katonda gye kyali kyamwogerako, n'alyoka agamba nti, "Ekyo kye tulindiridde ebbanga lino lyonna, okumala emyaka ebikumi bina. Tubadde tetulina nnabbi wadde omu. Kati wuuno wano, era Ye Yennyini agambye nti ye Ye." [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] ". . . muveeyo mujje mulabe Omusajja Ambuulidde ebintu bye nnakola."

Naye bakabona bo baayagala kumutta bussi, era baamaliriza bakikoze. Olaba?

Naye tebayinza kutta Mwoyo We leero. Ky'ekyo. Nedda, tebayinza kumutta. Yajja wano okutuyingiza, kale tukyebaliza. Laba Katonda nga bw'ali omukulu, n'emirimu Gye nga bwe giri egy'amaanyi, era nga bwe gitagwa butaka!

165 Kaakati, Katonda alina engeri enkakafu gye yateekawo ey'okukolamu ebintu, era Talikola mu ngeri yonna egimenyawo.

166 Kati Yasuubiza mu nnaku ez'oluvannyuma kiki ky'Alikola. Era Yabasindikira, yatusindikira Obubaka; era Obubaka buno bwalina okuba nga bufaananira ddala n'obwa Eriya bwe yalina, n'obwa Erisa bwe yalina, n'obwa Yokaana Omubatiza bwe yalina. Era Bwalina okukyusa emitima gy'abantu, nga si kugizza eri kibiina kya ddiini, wabula kugizzaayo ku bakitaffe abaasooka, abatume, kugizzaayo ku Kigambo. Ebintu bino nga bikakasiddwa obutalekaayo! Nti malayika asembayo

bw'alifuuwa, Kubikkulirwa 10, "Mu nnaku za malayika ow'omusanvu, ebyama bino byonna ebibadde bya . . . "

"Lwaki Abamesodisiti baakola *kino*, n'Ababaputisiti, n'ab'enzikiriza y'ekkanisa ya Kristo, n'Abajulirwa ba Yakuwa, lwaki bonna bakola bwe *batyo*?"

"Ebyama ebyo biribikkulwa mu nnaku ezisembayo, malayika ow'omusanvu . . . Obubaka bwa malayika ow'omusanvu, bw'ali . . . " Si nga atandika butandisi okukola kino, wabula, "Bw'alitandika okulangirira Obubaka bwe." Olaba? Si mu myaka egy'okukyeteekerateekera, wabula, "Bw'alitandika okulangirira Obubaka obwo, ebyama bino mu kiseera ekyo mwe biribikkulirwa." Era biibino; naye tebabimanyi, naye mmwe muli bajulirwa ba byo.

167 Era na buli kati mu kifo kiri bannabwengula mwe basinziira okulengera eby'omubwengula, ensi obutaba na kya kwekwasa, bakyewuunya kiki ekyabaawo. Mu Tucson, mu bifo omusinziirwa okulengera ebifa mu bwengula baakuba ekifaananyi kyakyo mu bbanga; naye na buli kati bakyebuuza kiki ekyaliwo. "Kyali kiki?" Na buli kati bakyakikuba mu mpapula z'amawulire nga babuuza nti, "Waliwo omuntu yenna alina ky'akimanyiiko, na ngeri ki gye kyabaawo?" Teriiyo lufu waggulu mu kifo ekyo, teri wadde empewo, era teri mazzi; mu mayiro amakumi asatu okutumbiira mu bbanga. Ha, bannange!

"Walibaawo obubonero waggulu mu bwengula. Era ebintu bino bwe biribaawo, ebikankano mu bifo eby'enjawulo, olwo ne walyoka walabika akabonero mu bbanga, ak'Omwana w'omuntu." "Olunaku olwo," mu Lukka, "Omwana w'omuntu aliddamu okwebikkula; nga yeebikkula, Ye yennyini." Era ensi eriba efaanana nga Sodomu ne Ggomola. Ha, bannange!

Ab'oluganda, muleme kubulwako kumanya kwa bintu bya mwoyo, mulaba. "Mukebere mu Byawandiikibwa, kubanga mu Byo mulowooza, mmwe mulina Obulamu Obutaggwaawo; kyokka ate nga Byo byennyini bye Byogera ku Kigambo." Byo byennyini bye Byogera ku Mazima, ebintu Katonda by'akola mu kiseera kino.

168 Era kati kiki? Abo abalina Omwoyo wa Katonda, balindirira ebintu bino. Era bwe balaba ebintu ebyo, bakkiriza ebintu ebyo. Yesu yagamba nti, "Tewali muntu ayinza kujja Gyendi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde. Era bonna Kitange be yampa," Ye Kigambo, "balijja Gyendi. Balijja Gyendi."

169 Enkya ya leero mbadde mukambwe nnyo, olaba. Balindirira Mukama, balindirira; era bwe balinda, ne balaba ekisuubizo ekyo eky'ekiseera kino, nga kikakasibwa, kizza buggya okukkiriza kwabwe mu Kigambo Kye. Kubanga, Yasuubiza okukikola, era Wuuno akikola. Kati awo waba tewakyali kubuusabuusa. Katonda ayogera. Ekigambo Kye, kisooka, ne

kyogera. Oluvannyuma Omwoyo aleeta Ekigambo ekyo n'akola ekintu Ekigambo kye kiba kigambye okukola.

Ha, tulina bangi nnyo abageegeenya. Tukyeyongera okuba nabo, abantu ab'emitima emyesimbu nga bagezaako okukola ebintu mu ngeri *eno* ne mu ngeri *eri*, naye wekkaanye olabe ekyaddirira. Abantu bajja kubiteekako emikono gyabwe, naye—naye bamale bafe. Olaba, wekkaanye.

170 Tewali nkola ya muntu ya kinnaddiini erisobola kukola, nga beekolera ba mmemba ab'essanduuko ez'eddiini ezaabwe ze beekolera bo. Katonda tabeerangako na kibiina kya ddiini. Talibeera na kibiina kya ddiini. Ekyo kintu ekyagunjibwawo abantu.

171 Era nneewuunya, leero, oba nga mu kukyusa nnamungi w'abantu ne zi kkuluseedi gaggadde n'enkuŋŋaana z'okudda obuggya, oba nga tubadde tetujjuza bujjuza ssanduuku ya Kimesodisiti, na ssanduuku ya Kibaputisiti, na ssanduuku ya Kipulesibeteriyani! Naye tujjuzizza ki mu Ssanduuku ya Kristo, Ekigambo?

Era Omugole bw'aba alina kuba Kigambo, kitegeeza Ateekwa kuba kitundu ku Kristo, nga ali kitundu ku Mugole omusajja. Ateekwa kuba Kigambo; si Ekigambo eky'ebiro Bye; wabula Ekigambo eky'ekiseera kino, kye Yasuubiza okubaawo mu biro bino, era nga kye Yava atuma Ekigambo Kye okujja okubumba Omugole We n'okumuyonja. Ka nsuubire tukiraba! Kale leka kuba na ndowooza yiyo ku bubwo, ate totwala ndowooza ya mulala yenna. Twala Ekigambo ekikakasiddwa kino wano, nga ye Bayibuli. Ky'Egamba.

Katonda yasuubiza mu Kigambo Kye bw'Aryeroboza Omugole We mu nnaku zino ez'oluvannyuma. Ekyo mubadde mukimanyi? Yakisuubiza, engeri gy'alikikolamu, nti era okusinziira ku ntegeka Ye eyasooka ey'okweroboza Kristo, okulonda ebiseera, okulonda ebiro, nga bwa . . . Tekisobola kumulemerera kutuukiriza, ku Mugole We, kubanga Ali kitundu ku Kigambo ekyo.

Tayinza kumweroboza nga asinziira ku kibiina kya ddiini, era nga bw'Ateeroboza Kristo nga asinziira ku kibiina kya ddiini. Kristo yajja eri kibiina kya ddiini? Yayita mu kibiina kya ddiini okujja? Nedda. Byamugaana. Kati, ebibiina by'amadiini ekyo kye byakola luli. Kati bw'Aba yeeroboza Omugole, Ayinza okukikola mu ngeri endala yonna?

Yaleeta atya Kristo wano? Okuyita mu Kigambo kya bannabbi. Si bwe kiri? Kati anaaleeta atya Omugole We wano? Nga ayita mu Kigambo kya bannabbi.

Yamwoleka atya bwe Yajja? Nga ayita mu musajja eyaliko omwoyo wa Eriya, eyava mu ddungu. Ate Anaayoleka atya Omugole We? Yasuubiza ekintu kye kimu mu Malaki 4, nga Tannazikiriza nsi, nga bwe kyali mu biro bya Sodomu.

172 Mujjukire, nti Sodomu kyayokebwa omuliro. Si bwe kiri? Kati nno, n'ensi eno nayo ya kwokebwa omuliro. Yesu bw'atyo bwe yayogera. Era kiriba kiseera, nti, nga bwe kiri mu Lukka essuula ey'e 17 n'olunyiriri lw'a 30 awagamba nti, "Mu nnaku ezo ezirifaanana eza Sodomu ne Ggomola, mu ezo Omwana w'omuntu mw'alibikkulirwa."

Olwo kiki ekiriddirira? Okusinziira ku Malaki, Aliddamu n'ayokya ensi, era abatuukirivu (mu kufuga okw'Emyaka Olukumi) balitambulira ku vvu ly'ababi. Si bwe kiri? Olaba?

N'olwekyo tuli mu kiseera kyennyini eky'enkomerero. Tuli wano ku mulyango kaakati, nga tumulinda Ajje.

173 Wekkaanye, Katonda yasuubiza mu Kigambo Kye nti Aryeroboza Omugole We nga ayita mu nkola Ye eyasooka mwe Yeeroboleza . . . Omugole omusajja. Yakiragula okuyita mu bannabbi, n'atuma ne nnabbi okujja okukyoleka.

Nnabbi n'agamba, nga ayimiridde ku lubalama lwa Yoludaani nti, "Laba!"

Baamubuuza nti, "Ggwe Masiya, si ye ggwe?"

N'abaddamu nti, "Nedda, si nze Masiya."

"Oteekwa okuba nga ggwe Masiya."

174 "Naye si nze Ye. Wabula Ayimiridde mu makkati gammwe. Era, ssisaanidde na kusumulula ngatto Ze. Bw'Anajja, bw'Aneeyoleka ategeerebwe . . . "

Ne leero Ayimiridde mu makkati gaffe, mu Nkula ey'Omwoyo Omutukuvu, nga Yeeyongera okweyoleka entakera, nga Ajja mu Kkanisa Ye, nga Yeeyoleka ategeerebwe; kubanga, Ye, Omugole wamu n'Omugole omusajja bajja kuba kye kimu, Yeeyoleka ategeerebwe. Era luliba lumu oliraba nti Oyo gw'obaddenga owulira mu mutima gwo, n'olaba n'okweyoleka Kwe, alirabisibwa mu maaso go, olwo Ye naawe ne muba Omu.

Nga mufuuse omu okuyita mu Kigambo. Ate nga Ekigambo, kyaliwo okuva mu lubereberye, era kijja kuddayo ku lubereberye, nga ye Katonda. "Era ku lunaku olwo mulitegeera nga Ndi mu Kitange, ne Kitange mu Nze; Nze mu mmwe, nammwe mu Nze." Aleeruuya! Tuutuno. Aleeruuya! Ndi musanyufu nnyo okumulaba nga Yeeyoleka nga omuntu mu makkati gaffe, ne tulaba kye Yasuubiza olw'Ekigambo; nga si kukyamuukirira kwa muntu, oba okuyimba, oba okubuukabuuka, oba okuzina. Wabula kuyita mu Kigambo Kye, amiina, Yeeyoleka ategeerebwe.

175 Mulabeeyo, bwe baaleeta, bwe baazimba yeekaalu ne bayingizaamu essanduuko, Katonda yayingiramu na Mpagi ya Muliro. Amiina. Wali yali Dawudi ye yali abuukabuuka nga bw'aleekaana, n'abayimbi ne bakabona bonna nga bwe bajaganya, nga ate baali bweru wa kwagala kwa Katonda. Naye Katonda bwe yalaba nga essanduuko etwalibwa okuteekebwa

mu kifo Kye mwennyini, essanduuko baali tebannaba na kugiyingizaayo, Empagi y'Omuliro n'ejja n'ebakulemberamu; okutuuka waggulu awaali ebiwaawaatiro bya bakkerubi, n'eyingirira ddala munda w'Awatukuvu w'awatukuvu, mu kifo Kye mwawummulira; Empagi y'Omuliro! Era ekitiibwa kya Katonda kyaliyo munda eyo, okutuusa n'aba-. . . lwe baabulwa engeri y'okuweerezaamu. Amiina.

Ejja kuziba amaaso ga buli eyasomerera eby'eddiini, bw'Alijja okutwala Omugole We. Omugole alisitulibwa ekiro mu—ekiro mu ttumbi, era nga bwe kyali, ku bo. N'okumulaba tebalimulaba nga Agenda. Ha, Katonda atenderezebwe!

176 Labayo, Katonda yasuubiza nti Alifulumyayo Omugole We, ne ky'Alikola. Walibaawo Ensigo. Era waalibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi, n'engeri gy'Alikolamu ebintu bino byonna, mu ngeri yennyini, era nga kiriba kuyita mu ngeri gye Yakiteekateekamu edda mu Ndagaano Enkadde n'Endagaano Empya.

Nga si kuyita mu ddiini. Si kuyita mu nkola yaffe gye tukozesa leero. Ffe tuli mu kuleeta buleesi kufa. Tuleka abantu ne bakikwata n'emikono gyabwe, era ne kibaviirako okufa. Olaba?

177 Ekigambo, Obubaka obw'akawungeezi, buteekwa okubala ebivaamu eby'akawungeezi. Obubaka obw'akawungeezi buteekwa okusiga Ensigo ey'akawungeezi, so si nsigo ya ku makya. Nsigo ya kawungeezi! Si bwe kiri? Ekiseera ky'omu ttuntu, ensigo zaakyo ezaasigibwa, gaali madiini; zaafa, ne zisaanawo. Naye Obubaka obw'ekiseera eky'akawungeezi bujja kwaka Omusana ogw'akawungeezi, bujja kubala ebivaamu eby'akawungeezi; Obubaka bw'ekiseera eky'akawungeezi!

Mu kiseera kya Yesu, obubaka obw'omu ttuntu, bwalaga ebivaamu eby'omu ttuntu. Obubaka obwatandika bwalaga ebibuvaamu eby'olubereberye, bwatonda. Yakola Omwana We mu Kifaananyi Kye, mu kiseera eky'omu ttuntu. Mu kiseera eky'akawungeezi Obubaka Abukolera Omugole. Olaba? Nga akozesa ki? Kigambo Kye.

Ensi yagikola atya? Yagyogera atya okubaawo? Nga akozesa Kigambo Kye!

Omwana We yali ani? Kigambo! "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda. Kigambo n'afuuka omuntu n'abeeraako gye tuli."

Alitwala atya Omugole We? Nga akozesa Kigambo; so si kigaali kipya, si kuyita mu ndowooza ya muyivu wa bya ddiini omu. Wabula Ajja kumwoleka nga asinziira ku Kigambo Kye. Tokyongerako kintu kyonna wadde okukitoolako ekintu kyonna kati. Kireke nga bwe Kiri. Olaba?

178 Mu kiseera eky'akawungeezi, Yasuubiza nti Alibikkula, weewaawo, alibikkula Obubonero buno Omusanvu era alage amakanisa agaze gabaawo mu mirembe egyo bye gaali gabulwako. Okubikkulirwa 10, ne Malaki 4, Lukka 17:30, Yagamba nti Alikikola. Kale ka tuleme kubitabulatabula. Ka tubireke nga bwe biri.

179 Nga mmaliriza, leka . . . Ziri nga, kumpi eddakiika kkumi na ttaano ezibulayo okuwera essaawa omukaaga. Ka mmalirize, nga ŋŋamba bwenti.

Ab'emikwano, muwulirize, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu! Ebintu bino byeraga byokka temusobola butabikkiriza. Kyeragira ddala lwatu tosobola butakiraba. Mazima ddala Ekyo mukiraba bulabi! Mazima ddala Ekyo ensi yandibadde ekiraba! Naye okuggyako . . .

Muleme kuyingizibwamu bintu bino ebipya omutali nsa bye balina ennaku zino; ssifaayo omuntu k'abe mulungi okwenkana wa, k'abe mwesimbu okwenkana wa. "Bw'atayogera kusinziira ku mateeka ne bannabbi," Bayibuli egamba nti, "mu ye temuli Bulamu." Olaba?

180 Dawudi yalowooza nti yali mutuufu. Yali mwesimbu. Bakabona bali baalowoza nti baali batuufu. Baali beesimbu. Naye ekyabalema kwe kwebuuza ku Mukama ku nsonga eyo. Naye bandikikoze batya? Osanga baagamba nti, "Twasabye ne tubotola." Naye eyo si ye yali engeri ya Katonda ey'okukikolamu. Yasuubiza nti tewali ky'Alikola nga tamaze kukibikkulira baddu Be bannabbi. Kyokka Nassanayiri yali mu makkati gaabwe, naye tebaamwebuuzaako yadde.

181 Kati soma essuula entonotono eziddako ez'Eby'omumirembe, ojja kulaba. Dawudi bwe yatuula mu nnyumba, n'abuuza nti, "Kituufu," nga ali ne Nassanayiri, "nze okubeera, mu nnyumba ey'emivule, kyokka—kyokka nga essanduuko ya Katonda eri bweru eri mu weema?" Bw'atyo Nassanayiri n'azuula, okuva eri Mukama, kiki ky'aba amugamba okukola.

182 Wabula yali asobezza, Katonda kye yava agamba nti, "Gamba omuddu wange Dawudi nti Mmwagala. Mmuwadde erinnya ekkulu nga abasajja ab'amaanyi mu nsi, naye ekyo ssisobola kumukkiriza kukikola," olaba, "yanjiwa," olaba, "Ssiyinza kumukkiriza kukikola. Nja kuleetayo omusajja omulala, mutabani we, y'alizimbira Katonda ennyumba ey'emirembe n'emirembe." Ate oyo, ddala yali Dawudi. Nga oyo, Sulemani gwe yayoleka mu ngeri y'ekifaananyi, naye n'alemwa. Buli muntu ateekwa okulemwa. Buli muntu yenna ateekwa okulemwa.

Katonda yekka y'Atayinza kulemwa. Tasobola kulemwa. Ekyo ky'ekintu Katonda ky'atayinza kukola, kwe kulemwa. Ate Katonda ye Kigambo. Era Ekigambo, ka kibe nga kirabika nga

ekigenda okukomekkereza nga kijjidde mu ngeri eno endala, kijja kujjira mu ngeri yennyini Ekigambo gye kigamba.

183 Kaakati jjukira nti, oteekwa okugoberera entuuko, n'ebiro. Olaba? N'olaba ebiro mw'oli, na biseera ki, okikakasize ddala, okulaba nti ddala ge Mazima gennyini.

184 Kaakati kwata ebintu bino byonna ebiteekwa okutuukirizibwa, Ekigambo kyonna, ebifaananyi ebigeraageranyizibwa byonna, n'ebirala byonna, olabe w'oli. Lowooza ku kiseera kye tulimu.

Lengera erudda eri, kumpi kimu kya kkumi eky'ensi yonna kinaatera okugwamu. Ssaayansi bw'atyo bw'agamba. Amaaso bageegese ssaawa. Emyaka mitono egiyise, baagamba nti, "Kati ebulayo eddakiika ssatu zokka okutuuka mu ttumbi." Wandiba nga wasigaddeyo eddakiika emu, ob'olyawo kitundu kyayo kati.

Bali baagamba nti, "Ekyo si kya kubaawo mu mulembe gwaffe guno."

185 "Kisobola okubaawo mu ddakiika ttaano okuva kati." Ate mulabeeyo, ekyaddako n'agamba nti, "Myaka etaano." Kati ekyo si nze nnakyogera. Munnassayansi, ye yakyogera. Kati e California bakuluumulukuka basengukayo nga nsowera. Olaba? Kati, olunaku Lutti lwe yava mu Sodomu, lwe lunaku lwe lumu omuliro lwe gwatonnya ku nsi.

Olumu ku nnaku zino Katonda agenda kuggyawo Obubaka bwaffe, naffe tujja kuvaawo wano. Awatali kubuusabuusa, waliwo ekiribaawo, mu kiseera ekyo, nga Ekkanisa egenze, Omubiri Gwe, Omugole We.

186 Kaakati njagala mbasomereyo Ekyawandiikibwa, era njagala mukisomere wamu nange. Njagala mubikkule mu Kyamateeka 4, nga mmaliriza. Ndowooza oba oli awo ebyogeddwa binaabamala, okutegeera. Eky'amateeka 4. ŋŋenda kusomawo ebifo bibiri wano.

Kati eri ekkanisa eno, n'abali ku ntambi, abo abawuliriza entambi, n'abo abayungiddwa ku mukutu mu bitundu ebirala mu ggwanga lyonna, kino njagala mukiwulirize bulungi nnyo, era tekibayitako. Kino kye kintu kye . . .

Eky'amateeka, essuula ey'o 4. ŋŋenda kusoma olunyiriri 1. Njagala nsome olunyiriri 1, nsome n'olw'a 25 ne 26. Muyinza okugisoma yonna nga muzzeeyo eka; naye, olw'okufunza ku budde, tusobole okufuluma nga bukyali, kubanga nnina okukomawo nate akawungeezi, Mukama nga ayagadde. Muwulirize nnabbi ono nga ayogera. Yali ava mu Kubeerawo kwa Katonda. Yali amanyi kye yali ayogerako. Muwulirize.

> *Ne kaakano, ggwe Isiraeri, wulira amateeka* era *n'emisango, bye mbayigiriza, okubikolanga, mulyoke mube balamu, muyingire mulye ensi* MUKAMA *Katonda*

wa bajjajja bammwe gy'abawa. (Ekyo kyoleka kufuga kwaffe okw'Emyaka Olukumi.)

Temwongeranga ku kigambo kye mbalagira, so *temukisalangako mmwe,* ("Temukyongerangako wadde akamu bwe kati, ate temukitoolangako n'akamu. Mukinyweererengako, mwogerenga bwogezi nga bwe Kigamba!") *mukwatenga ebiragiro bya* MUKAMA *Katonda wammwe bye mbalagira.*

Amaaso gammwe galabye MUKAMA *kye yakola . . .* eri *Baalipyoli: kubanga abantu bonna abaagoberera Baalipyoli,* MUKAMA *Katonda wo yabazikiriza wakati mu mmwe.* ("Kaakano mmwe muli bantu abaayawulibwa, okuva mu bibiina by'amadiini ebyo." Olaba? Olaba?)

Naye mmwe abeegatta ne MUKAMA *Katonda wammwe,* mmwe *mukyali balamu buli muntu ku mmwe leero.* ("Temwafiira wamu n'amadiini gammwe. Kaakano muli balamu, era muli mu Kubeerawo kwa Katonda.")

Nga mmaliriza, kino tekikuyitako. Olunyiriri olwa 25, kati, nga bayingira mu nsi eyo, laba biki ebyaddirira.

Era *bw'onoozaalanga abaana, n'abaana b'abaana, era nga* o . . . *mumaze ebiro bingi mu nsi, era nga mumaze okweyonoona* (ekyo kye kyaddirira), *ne mwekolera . . .* ebifaananyi ebyole (oba ekintu ekirala), *nga kirina engeri y'ekintu kyonna, ne mukola ekiri mu maaso ga* MUKAMA *Katonda wo ekibi, okumusunguwaza:* (Muwulirize!)

Mpita eggulu *n'ensi okuba abajulirwa eri mmwe leero*, olaba, nga *mulizikiririra ddala mangu ku nsi,* oba ekifo, gye *musomokera Yoludaani okugendamu okugirya; temuligimalako nnaku nnyingi, naye mulizikiririra ddala.*

187 Ono yali Musa nga y'ayogera eri Isiraeri, nga amaze okukakasibwa Katonda, n'Empagi ey'Omuliro, era nga ategedde nti akakasiddwa okubeera omuweereza wa Katonda ow'okubakulembera okubaggyayo. Naye bwe baali tebannayingira mu nsi eyo, nga tebannayingira, Musa yabagamba nti, "Kaakati, ebigambo bye njogedde gye muli, nkowoola eggulu n'ensi okubeera abajulirwa gye muli. Bwe mulyongera ku Kyo, oba ne mutoolako Ekigambo ekimu bwe kiti ku Kyo, temulisigala mu nsi Mukama Katonda gy'abawa."

Nange mbagamba, mu Linnya lya Yesu Kristo: Temwongerangako wadde ekintu ekimu, temugezanga, ne muteekamu endowooza ezammwe mu Kyo, mwogerenga bwogezi ebyo ebyogeddwa ku ntambi ezo, mukole bukozi ekyo kyennyini Mukama Katonda ky'abalagidde okukola; temwongerako ku Kyo!

188 Ye bulijjo, atuukirizzanga ebisuubizo Bye gye tuli. Buli kisuubizo kye Yawa, Akituukirizza. Alina kye Yali abagambye nti kigenda kubaawo, ne kitabaawo? Nkowoola eggulu n'ensi mu maaso gammwe leero, mu kusoomooza: Katonda yali ayogedde ekintu kyonna n'Atakituukiriza oba n'atakikolera ddala nga bwe Yagamba okukitukolera? Tabikoledde ddala nga bwe Yagamba nti bw'Alibikola? Ky'ekyo ddala. Era bw'atyo bw'Ajja okweyongeranga okubikola. Kimu kyokka tokyongerako. Era tokitoolangako Ekyo. Kikkirize bukkiriza era otambule nga oli muwombeefu mu maaso ga Mukama Katonda wo, kubanga tusemberedde ddala okusomoka okuyingira mu Nsi eri.

Bw'onookola bw'otyo, tolikomawo nate, tolikomawo nate kubeera mu bulamu obw'engeri eno. Olikomawo nga oli kitonde ekitafa. Olikomawo nga ekibi kisaanyiziddwaawo, nga Ssetaani asibiddwa, era okumala emyaka lukumi olibeera mulamu ku nsi eno Mukama Katonda wo gye yakuwa. "Kubanga abateefu balisikira ensi." "Wa mukisa oyo akola ebiragiro Bye kye bigamba, alyoke akkirizibwe okuyingira mu Kibuga." "Kubanga ebweru waakyo ye waliba abalogo, abalimba, abenzi, n'embwa. Abo tebalikiyingiramu." Wabula ebyo bya Banunule bokka, n'abo abatambulira mu biragiro Bye.

189 Leka kusikirizibwa bintu bipya. Bibunye buli wamu, waliwo n'ebisinga ku ebyo ebikyajja. Naye bino ebintu ebipya bireme kukusikiriza.

Mukama Katonda wo Amazima agakubuulidde. Mukama Katonda wo Amazima agakakasizza, nga akozesa Ekigambo Kye n'Omwoyo We. "Si lwa maanyi, si lwa buyinza, wabula lwa Mwoyo Wange." Ate, Omwoyo, "Katonda anoonya abo abamusinziza mu Mwoyo ne mu Mazima." "Ekigambo Kyo Mazima." Era akakasirizza ddala nti Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Abalaze Ensigo ez'akawungeezi. Azibabikkulidde, mu Kigambo. Azikakasizza gye muli, nga akozesa Omwoyo We.

190 Temugezangako okutandikawo oba okugunjaawo ekibiina. Temugezangako okuzimba ku kintu ekirala kyonna.

Wabula musigale nga muli bawombeefu mu maaso ga Mukama Katonda wammwe, kubanga kirabika emiryango gy'Ensi ensuubize amangu ddala gyandiggulwawo. Kale leka tuyingiremu n'okuyimba okwa nnamaddala n'okusanyuka, nga Omugole omusajja n'Omugole omukazi batuula mu kifo kyabwe mu Ntebe ey'Obwakabaka.

191 Mubeerenga bawombeefu. Mubeerenga n'okwagala. Mwagalanenga. Temuganyanga ekintu kyonna okubatabula. Bw'owuliranga nga waliwo ekijja mu mutima gwo ekitali kirungi eri omulala, kiggyeemu mangu ago. Toganya . . .

Era Ssetaani ajja kugezaako kyonna ky'asobola okubatabula. Mulaba? Temukiganyanga okubaawo. Wayinza

okujja mu mmwe ow'akalimi n'agezaako okubaawula okukibaggyako Ekyo. Olowooza Musa baali basobola okumumatiza okuva mu Kubeerawo kwa Katonda, we yayimirirako n'akiraba Ekyo? Nedda, ssebo. Nedda. Tetukitoolako wadde okukyongerako. Tukireka nga Mukama bwe yakyogera. Tetwagala bibiina bya madiini. Tetwagala bibiina bigunje. Tetwagala ttima. Tetwagala ntalo. Twagala Katonda, era Ye Kigambo.

Kati leka tukoteke emitwe gyaffe.

192 Ayi Katonda, bwe ntunulatunula n'amaaso ag'omwoyo, ngezaako okulaba ebigenda mu maaso. Ndaba Ekigambo Kyo, engeri gye Kinyweezeddwa, engeri gye Kikakasiddwa; okumalira ddala emyaka asatu mu esatu egiyise, emmanga eri ku mugga, bye Wayogera. Era biibino, oluvannyuma lw'emyaka asatu mu esatu, Okyakola ebyo bye wagamba nti by'Olikola. Era okoledde ddala nga bwe Wagamba. Mukama, kikafuuwe ffe okugezaako okukitoniya oba okugezaako okukigezza; wabula tukikuume nga bwe Wakikola, tutambule nga tukugoberera n'obuwombeefu.

193 Bano beebo, ayi Mukama, b'Otadde mu mikono gy'obuweereza, nga oggyeeko abo bonna abeebaka mu ggwanga lyonna, ne mu nsi yonna. Limbo zirimu bangi ku abo abalindiridde, abatukuvu abaagalwa. Wabula kiri nga bwe kyayogerwa nti, "Ffe abaliba abalamu nga tukyaliwo tetulirobera bali abeebaka. Ekkondeere lirivuga, n'abafu be balisooka okuzuukira; olwo naffe tulyoke tusitulibwe okubasisinkana mu bbanga." Ekitiibwa kya Katonda bwe kirikka ku nsi, kirikweka Ekkanisa eri amaaso g'ensi. Ensi teriraba na Kkanisa nga Egenda.

194 Kitaffe Katonda, bano bakuumire mu mikono Gyo. Babo. Nsaba, ayi Katonda, bulijjo tutambulenga nga tuli bawombeefu mu maaso Go. Tetumanyi kinaatwala bbanga ki. Tetwetaaga kumanya bbanga lye kinaatwala; ogwo si mulimu gwaffe. Ogwo mulimu Gwo. Si kyaffe okumanya ddi lw'Olijja. Kimu kye twagala, ayi Mukama, kusigala nga tuli bawombeefu okutuusa lw'Olijja, era nga tutambula Naawe. Kuyaayaana kwaffe Weeyoleke omanyibwe, obw'olumu n'olumu, Kitaffe, mu makkati gaffe, tusobole okukiraba nti tukyatambula Naawe.

195 Tusonyiwe ebibi byaffe ebyayita. Tuluŋŋamye era otukuume nga otutaasa buli kyambika kya ssetaani, mu biseera ebituli mu maaso. Tukulembere era otuluŋŋamye, Ayi Katonda Kitaffe. Tusonyiwe ebibi byaffe era otuyambe okubeera abaana Bo. Tuli bantu abanyoomebwa. Tuboolebwa, abantu b'ensi eno, n'ebibiina by'amadiini ag'enzikiriza ez'enjawulo.

Tulengera enkomerero. Era tukwebaza olw'amaaso ag'omwoyo okusobola okulaba mu Kigambo Kyo, okulaba ekiseera eky'enkomerero, kubanga ebintu bino byonna

birindiridde okukubibwa ejjinja kuli okukulu okuva mu Ggulu. Tuyambe, ayi Mukama, tuleme kuba wano mu kiseera ekyo, wabula tusangibwe nga tuli mu Maaso Go, nga tubuuse okujja mu kifuba Kyo.

196 Wonya abalwadde n'abanyigirizibwa, Mukama. Tukusaba Otuwe olukuŋŋaana olw'amaanyi akawungeezi ka leero, waleme kubaawo anyigirizibwa n'omu mu ffe, olw'Okuberawo Kwo, ayi Mukama. Leka emitima gyaffe gibeere nga girowooza ku Ggwe ebbanga lyonna. Kati tumanyi, ayi Mukama, nti ssente, ebintu, ebintu by'ensi tebirina makulu, biriwo kaseera buseera. Byonna biteekwa okuggwaawo. Emirimu gyaffe, ebifo byaffe, mikwano gyaffe, buli kintu kiteekwa okuggwaawo. Si kikulu ne bwe tuba bagagga okwenkana wa, ka tube baavu okwenkana wa, oba tulina ettutumu oba tetulina, byonna bya kuggwaawo. Wabula waliwo ekintu kimu kyokka okubeera kwaffe wano kwe kwesigamiziddwa, era ekyo nga ye Yesu Kristo. Na bwe kityo, ayi Katonda, tuyambe okuteeka ku bbali ebirala byonna, twenywereze ku Ye. Era Ye ye Kigambo. Kituwe, ayi Mukama.

197 Ekigambo ekikakasiddwa eky'ekiseera kino! Ekigambo ekikakasiddwa eky'ebiro bya Musa yali Yesu. Ekigambo ekikakasiddwa eky'ebiro bya Isaaya, Eriya, Yokaana, n'abalala bonna, yali Yesu. Era Ekigambo ekikakasiddwa leero ye Yesu, oyo aba obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Tuyambe, ayi Mukama, tukikkirize ekyo, tukirabe, era mwe tuba tutambulira. Tu—tusabye mu Linnya lya Yesu.

198 Nga emitwe gyaffe tukyagikotese, ssimanyi oba waliwo omuntu yenna atasalangawo kusalawo okusinga obukulu, okwemalirira . . . Okukikkiriza okikkiriza, naye okukikkiriza kyokka tekimala.

Nnakkirizanga nti mukyala wange yali muwala wa mpisa. Kitaawe nnali mmumanyi, wamu ne nnyina. Nnamala emyaka n'emyaka nga mmumanyi. Yatambuliranga mu bulamu obugolokofu. Nnakkirizanga nti yali mukazi wa mpisa nnungi, naye ekyo tekyamufuula wange. Teyafuuka wange okutuusa, ye kennyini, lwe nnamukkiriza, naye n'anzikiriza.

Kati Yesu ayagala akukkirize. Ggwe t'omukkirize n'ofuuka kitundu ku Kigambo Kye? Ekyo bw'oba tokikolanga, nga bwe mukotese emitwe n'emitima gyammwe, nzikiriza nti . . .

199 Wano wafunda tewamala bantu nga bayitiddwa okujja mu maaso. Wadde, ekyo ssitera kukikola. Nzikiriza nti Katonda akukyalira awo wennyini w'oli. Oyinza okuyimusa ku mukono gwo, n'ogamba nti, "Ow'oluganda Branham, nzijukira mu kusaba. Njagala kukola ekyo"? Katonda akuwe omukisa. "Nja . . . " Katonda akuwe omukisa. Bannange, emikono giri buli wamu! "Ekyo kye njagala okubeera." Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Akuwe omukisa, ow'oluganda; mwenna,

awo wonna. "Ekyo kye njagala okubeera." Katonda akuwe. . . "Mazima ddala ekyo kye njagala okubeera. Nki—nkiraba."

Kale nno, kaakati, labayo, mukwano gwange, wayinza okubaawo akantu. . .Bw'oba bw'otyo si bw'oli, kitegeeza waliwo ekintu ekirala ekitali ekyo ky'okulembezza mu bulamu bwo. Okiri kumpi nnyo, era okitunuulidde. Okiraba. Okirabidde emyaka mingi, nga kijja kikula. Okirabye nga kigenda kikula kaakati. Kati ekyo bwe kiba nga kye byonna gye tuli, nga ate tewali kirala kigenda kubeerera okuggyako Ekyo, lwaki amaaso go togajja ku kiri ky'obadde otunuulira bulijjo n'otunuulira Ye? Oyo, eyeetooloolerwako obulamu bwonna, n'ebiddirira nga ovudde wano. Tookikole, nga tusaba wamu?

200 Ayi Katonda Omwagalwa, nga emikono gy'abasajja, abakazi, abalenzi, abawala, awamu n'abaweereza, nga bagiwanise. Ba—babaddenga baagala oku—okugamba nti babaddenga baagala obulamu bwabwe bwetooloolere ku Mukama waffe Yesu, kyokka nga kirabika bakyalemeddwa okukikola. Waliwo ekibasika nga kibazza *eno, n'eri.* Kyandiba ekibiina ky'eddiini, yandiba omuntu, kyandiba nga kibi, kyandiba ekintu kye basirikidde mu mitima gyabwe. Mukama, nze ssimanyi. Ggwe omanyi. Kyonna kye kiri, tusaba kaakano, ayi Mukama, nga bw'Okyalira abalala. . . Wabayita. Babo.

Era nga Obayita, leka bataggululwe okuva mu ekyo, ekibi ekyo ekibatega bulijjo, nga Bayibuli bw'egamba. "Okwewalanga ekibi ekyanguwa okututega, tusobole okuddukanga n'obugumiikiriza embiro ezaatutegekerwa, nga tutunuulidde (kiki? mirimu gyaffe? kibiina kyaffe eky'eddiini? abo be tukolagana nabo bokka? bukiiko?) nga tutunuulidde Kristo Omutandisi era Omutuukiriza w'okukkiriza kwe tulina mu Ye." Tukolere ekyo, ayi Kitaffe, kitukolere olwa leero, kubanga tukisabye mu Linnya Lye n'olw'ekitiibwa Kye.

201 Kaakano Babo, Mukama. Bakozese nga bw'Olaba kisaanidde. Tukozese nga bw'Olaba kisaanidde. Tuli Babo. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Mmwagala, mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
N'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

202 Weerabidde eby'ekijjulo? Weerabidde oba abaana bali bulungi, wabweru mu mmotoka, oba nedda? Weerabidde ebyayita byonna, n'otegeera ekyo ky'owulira mu ggwe kye kiri mu kaseera kano kennyini? Kyeyongera okubeera ekya nnamaddala mu maaso go, buli lukya. Olaba? Ekyo leka kye kiba kibeera entabiro ya buli kimu. Ebirala byonna ka bigende; ndaba era, bya kuggwaawo.

Ha, weyongerenga okumugoberera bulijjo! Olaba? Nga Erisa bwe yagobereranga Eriya, naffe ka tumugoberere Oyo. Kubanga

naffe, lumu, tuteekwa okusitulibwa. Tulabye eggaali y'Omuliro eyamuyimusa okuva mu ntaana. Tugiwulira Eri mu makkati gaffe kaakano. Lumu Aliyimbula embalaasi mu ttale. Tugenda mu ggulu. Temumwagala?

N'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

Ha, bw'ozibiriza amaaso go tolaba nga amulengera nga Aseeyeeya mu bbanga?

Mmwagala, (ani omulala gwe nnandyagadde?)
Mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
N'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

203 Buli lwe nkomawo eka, nsanga waliwo eyagenze. ŋŋenda ne nvaawo okumala emyezi mitono, ŋŋenda okudda, nga waliwo agenze. Buli lwe nkomawo nnakuwala.

Jjuuzi, omuvubuka gwe nnasomanga naye, nnali nserengeta mu kkubo, yannamusa nti, "Owange, Billy."

204 Ne mmutunuulira, yalinga muvubuka alabika obulungi, nga enviiri ze nzirugavu ezimasamasa nga azisanirira azizza mabega ati; naye kati zonna zitukula nga muzira. Yatambulanga yeegolodde bulungi; naye kati olubuto lwonna lwavaayo *luti*. Ne mmuddamu nti, "Oli otya, Jim." Ne mmutunuulira.

Ne mpulira mu mutima gwange, ne ndowooza muli nti, "Katonda wange, omulenzi oyo nange, omusajja oyo nange, twenkana emyaka."

Kale nno, mmanyi nti ennaku zange esigadde mbale. Mmanyi nti ssikyayinza kuwangaala bbanga ddene. Ntunulatunula, muli ne nneebuuza nti, "Nkole ki, Mukama? Nnyamba. Ssaagala kukwesooka mu maaso. Njagala nsigalire ddala—ddala nga nkugoberera. Ggwe oba okulembera." Ntunula, ne ndowooza muli nti, "Nnina emyaka ataano mu mukaaga, ha, bannange, ssiyinza kusukkawo kiwanvu!"

205 Ate bwe ntunula wansi wali, ne ndaba mukwano gwange omulungi Bill Dauch nga atudde awo, nga wa myaka nga nsanvu mu ebiri oba nsanvu mu esatu. Ne ntunula erudda, ne ndaba abaana bano abato, nga balowooza mbu, "Nze, nja kulindako nsooke ntuuke ku myaka gy'Ow'oluganda Branham, olwo ndyoke nkirowoozeeko ekyo." Mukwano, emyaka egyo oyinza obutagituukako. Mbuusabuusiza ddala oba oligituukako. Olaba? Naye, ggwe lowoozaamu nti, Ow'oluganda Bill Dauch ssinga amalako olunaku lwa leero, ajja kuba awangadde nnyo okusinga ebikumi n'ebikumi eby'abo abafiira ku myaka ekkumi n'etaano, oba ekkumi n'omukaaga. Bafa buli ssaawa.

Kati emyaka gy'olina gikola njawulo ki! Okozeewo ki ekiraga nti ofaayo olw'akaseera k'olimu? Yesu kiki ky'omukolera

mu kaseera kano? Olaba? Ha, njagala mmulabe Ye. Nnindiridde okulaba ekiseera lwe ndiraba emibiri gino gyonna emikadde nga giwaanyisibwa, ngirabe nga "giwanyisibwa mu kaseera obuseera, mu kutemya kwa kikowe." Bwe kiba nga bwe kityo si bwe kiri, kitegeeza nti ffe bantu abasingayo obusiru; n'olwekyo weeriire, wenyweere, era weesanyuse, kuba ndaba enkya ogenda kufa; labayo, awo oba oli nga nsolo busolo, olufa bw'oti nga odda mu ttaka kye kyokka. Naye waliwo ekifa . . . waliwo emmeeme etafa eri mu ggwe, ow'oluganda. Tuwulidde okuva mu Ggulu. Tukirabye nga kikakasibwa. Tumanyi nti Ye, ye mugabi w'empeera eri abo abanyiikira okumunoonya.

Kaakati, bammemba b'Omubiri gwa Kristo, nga bwe tuddamu okuluyimba nate, njagala musinziire awo we mutudde mubuuze ku bannammwe nga bwe tuddamu okuluyimba.

Mmwa . . .

Buuza ku muganda wo, ne mwannyoko.

Mmwagala
Kubanga . . . (Richard!) . . . nze
N'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

206 Mumwagala? Mugambe nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ekigambo Kye mukyagala? Mugambe nti, "Amiina." ["Amiina!"] Mwagala ekyamuleeta? Mugambe nti, "Amiina." ["Amiina!"] Omubiri Gwe mugwagala? Muddeemu nti, "Amiina!" ["Amiina."] Kale nno, mwagalanenga. Amiina! Ky'ekyo. "Ku kino abantu bonna kwe banaategereranga nti muli bayigirizwa Bange, bwe muba nga buli omu ayagala munne."

Kati nnamaze dda okussa emikono ku biremba bino, bwe muba mwetaaga okubitwala nga tebunnaziba.

207 ŋŋenda kusaba Ow'oluganda Richard Blair . . . Katonda yayanukula okusaba kwe, ye n'ow'oluganda ono ali wano, bwe baasaba luli, okukomyawo obulamu bw'omulenzi ono atudde wano naffe leero, nga mulamu, olw'okukkiriza kwabwe mu Katonda. Kaakano ŋŋenda kumusaba atusiibule n'okusaba, mu kaseera katono, tusobole okukomawo nate akawungeezi.

Eddakiika ziri nga ttaano ezaakayita ku ssaawa mukaaga, okusinziira ku ssaawa eyo ey'okukisenge. Era njagala mukomewo akawungeezi, bwe muba musobodde, bwe muba muli kumpi. Bw'oba oteekwa buteekwa okuddayo eka, Katonda akutuuse bulungi mu lugendo lwo, era akuyambe, era akukuume. Bw'oba osobola okusigala, era nga wandyagadde osigale, kirungi osigalewo. Kaakano Katonda abeere nammwe.

Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Okutuusa . . .

Leka tuyimuse emikono gyaffe gy'Ali.

> . . . tulisisinkana ku bigere bya Yesu;
> Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
> Katonda abeere naawe okutuusa lwe tuliddamu nate okusisinkana.

[Ow'oluganda Branham amuumuunya oluyimba *Katonda Abeerenga Naawe*—Omuk.] Eyo y'engeri y'okufulumamu ennyumba ya Katonda, mu mbeera ey'okusaba, mu buwombeefu, nga tukkiriza nti tujja kusisinkana nate akawungeezi. Bwe tutaasisinkane, "Katonda abeere nammwe okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana!"

Leka tukoteke emitwe gyaffe kaakano. Ow'oluganda Blair.

Okugezaako Okuweereza Katonda
Nga Katonda Si Bw'Ayagala LUG65-0718M
(Trying To Do God A Service Without Being The Will Of God)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga 18 Jjulaayi, 1965, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org